

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
Makko 1	Mark 1
1:1 Okusooka kw'enjiri ya Yesu Kristo, Omwana wa Katonda.	1:1 The beginning of the gospel of Jesus Christ, the Son of God;
1:2 Nga bwe kyawandiikibwa mu nnabbi Isaaya nti Laba, nze ntuma omubaka wange mu maaso go, Alirongoosa oluguudo lwo;	1:2 As it is written in the prophets, Behold, I send my messenger before thy face, which shall prepare thy way before thee.
1:3 Eddoboozi lye ayogerera waggulu mu ddungu nti Mulongoosa oluguudo lwa Mukama, Mulu**amye amakubo ge;	1:3 The voice of one crying in the wilderness, Prepare ye the way of the Lord, make his paths straight.
1:4 Yokaana yajja eyabatiza mu ddungu n'abuulira okubatizibwa okw'okwenenya olw'okuggibwako ebibi.	1:4 John did baptize in the wilderness, and preach the baptism of repentance for the remission of sins.
1:5 N'ensi yonna ey'e Buyudaaya n'ab'e Yerusalemi bonna ne bavaayo ne bajja gy'ali ne babatizibwa ye mu mugga Yoludaani nga baatula ebibi byabwe.	1:5 And there went out unto him all the land of Judaea, and they of Jerusalem, and were all baptized of him in the river of Jordan, confessing their sins.
1:6 Ne Yokaana yayambalanga byoya bya **amira, n'olukoba lw'eddiba mu kiwato kye, ng'alya enzige n'omubisi gw'enjuki ez'omu nsiko.	1:6 And John was clothed with camel's hair, and with a girdle of a skin about his loins; and he did eat locusts and wild honey;
1:7 N'abuulira ng'agamba nti Ajja ennyuma wange ye ansinga amaanyi, so sisaanira kukutama kutuggulula lukoba lwa ngatto ze.	1:7 And preached, saying, There cometh one mightier than I after me, the latchet of whose shoes I am not worthy to stoop down and unloose.
1:8 Nze nababatiza n'amazzi, naye oyo alibabatiza n'Omwoyo Omutukuvu.	1:8 I indeed have baptized you with water: but he shall baptize you with the Holy Ghost.
1:9 Awo olwatuuka mu nnaku ezo Yesu n'ava e Nazaaleesi eky'e Ggaliraaya n'ajja okubatizibwa Yokaana mu Yoludaani.	1:9 And it came to pass in those days, that Jesus came from Nazareth of Galilee, and was baptized of John in Jordan.
1:10 Amangu ago bwe yava mu mazzi, n'alaba eggulu nga liyulise, n'Omwoyo ng'ali ng'ejjiba ng'akka ku ye:	1:10 And straightway coming up out of the water, he saw the heavens opened, and the Spirit like a dove descending upon him:
1:11 n'eddoboozi ne lifuluma mu ggulu erigamba nti Ggwe Mwana wange gwe njagala, gwe nsanyukira ennyo.	1:11 And there came a voice from heaven, saying, Thou art my beloved Son, in whom I am well pleased.
1:12 Amangu ago Omwoyo n'amugobera mu ddungu.	1:12 And immediately the spirit driveth him into the wilderness.
1:13 N'amalayo mu ddungu ennaku amakumi ana ng'akembwa Setaani; n'aba wamu n'ensolo; bamalayika ne bamuweereza.	1:13 And he was there in the wilderness forty days, tempted of Satan; and was with the wild beasts; and the angels ministered unto him.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
1:14 Awo oluvannyuma Yokaana ng'amaze okuweebwayo, Yesu n'ajja e Ggaliraaya, ng'abuulira enjiri ya Katonda,	1:14 Now after that John was put in prison, Jesus came into Galilee, preaching the gospel of the kingdom of God,
1:15 ng'agamba nti Ekiseera kituuse, obwakabaka bwa Katonda busembedde, mwenenye, mukkirize enjiri.	1:15 And saying, The time is fulfilled, and the kingdom of God is at hand: repent ye, and believe the gospel.
1:16 Bwe yali ng'ayita ku lubalama lw'ennyanja ey'e Ggaliraaya n'alaba Simooni ne Andereya muganda wa Simooni nga basuula omugonjo mu nnyanja, kubanga baali bavubi.	1:16 Now as he walked by the sea of Galilee, he saw Simon and Andrew his brother casting a net into the sea: for they were fishers.
1:17 Yesu n'abagamba nti Mujje muyite nange, ndibafuula abavubi b'abantu.	1:17 And Jesus said unto them, Come ye after me, and I will make you to become fishers of men.
1:18 Amangu ago ne baleka awo emigonjo ne bagenda naye.	1:18 And straightway they forsook their nets, and followed him.
1:19 Bwe yasemberayo mu maaso katono, n'alaba Yakobo omwana wa Zebbedaayo ne Yokaana muganda we, abo bombi baali mu lyato nga bayunga emigonjo.	1:19 And when he had gone a little farther thence, he saw James the son of Zebedee, and John his brother, who also were in the ship mending their nets.
1:20 Amangu ago n'abayita: ne baleka awo kitaabwe Zebbedaayo mu lyato ng'ali n'abo abakolera empeera, ne bamugoberera	1:20 And straightway he called them: and they left their father Zebedee in the ship with the hired servants, and went after him.
1:21 Ne bayingira e Kaperunawumu; amangu ago ku lunaku lwa ssabbiiti n'ayingira mu kku**aaniro n'ayigiriza.	1:21 And they went into Capernaum; and straightway on the sabbath day he entered into the synagogue, and taught.
1:22 Ne bawuniikirira olw'okuyigiriza kwe: kubanga yabayigiriza nga ye nnyini buyinza, so si ng'abawandiisi.	1:22 And they were astonished at his doctrine: for he taught them as one that had authority, and not as the scribes.
1:23 Amangu ago mu kku**aaniro lyabwe mwalimu omuntu aliko dayimooni omubi; n'akaaba	1:23 And there was in their synagogue a man with an unclean spirit; and he cried out,
1:24 nga agamba nti Otuvunaana ki, Yesu ow'e Nazaaleesi? ozze kutuzikiriza? nkumanyi ggwe, ggwe oli Mutukuvu wa Katonda.	1:24 Saying, Let us alone; what have we to do with thee, thou Jesus of Nazareth? art thou come to destroy us? I know thee who thou art, the Holy One of God.
1:25 Yesu n'amubogolera ng'agamba nti Bunira, muveeko.	1:25 And Jesus rebuked him, saying, Hold thy peace, and come out of him.
1:26 Dayimooni n'amutaagula n'akaaba eddoboosi ddene n'amuvaako.	1:26 And when the unclean spirit had torn him, and cried with a loud voice, he came out of him.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
1:27 Ne beewuunya bonna, ne beebuuzaganya nga bagamba nti kiki kino? okuyigiriza kuggya! alagira n'obuyinza dayimooni ne bamuwulira.	1:27 And they were all amazed, insomuch that they questioned among themselves, saying, What thing is this? what new doctrine is this? for with authority commandeth he even the unclean spirits, and they do obey him.
1:28 Amangu ago ettutumu lye ne libuna ensi yonna eriraanye Ggaliraaya.	1:28 And immediately his fame spread abroad throughout all the region round about Galilee.
1:29 Amangu ago bwe baafuluma mu kku**aaniro ne bagenda wamu ne Yakobo ne Yokaana mu nnyumba ya Simooni ne Andereya.	1:29 And forthwith, when they were come out of the synagogue, they entered into the house of Simon and Andrew, with James and John.
1:30 Awo nnyina mukazi wa Simooni yali ng'agalamidde ng'alwadde omusujja; amangu ago ne bamubuulira bw'ali:	1:30 But Simon's wife's mother lay sick of a fever, and anon they tell him of her.
1:31 n'ajja n'amukwata ku mukono n'amugolokosa, omusujja ne gumuwonako, n'abaweereza.	1:31 And he came and took her by the hand, and lifted her up; and immediately the fever left her, and she ministered unto them.
1:32 Awo olweggulo, enjuba ng'egudde, ne bamuleetera abalwadde bonna, n'abo abaliko dayimooni.	1:32 And at even, when the sun did set, they brought unto him all that were diseased, and them that were possessed with devils.
1:33 N'ekibuga kyonna ne kiku**aanira ku wankaaki.	1:33 And all the city was gathered together at the door.
1:34 N'awonya bangi abaali balwadde endwadde nnyingi, n'agoba dayimooni bangi n'atabaganya kwogera kubanga baamumanya.	1:34 And he healed many that were sick of divers diseases, and cast out many devils; and suffered not the devils to speak, because they knew him.
1:35 Awo mu makya ennyo, nga bukyali kiro, n'agolokoka n'afuluma n'agenda mu ddungu, n'asabira eyo.	1:35 And in the morning, rising up a great while before day, he went out, and departed into a solitary place, and there prayed.
1:36 Simooni n'abo abaali naye ne bamugoberera;	1:36 And Simon and they that were with him followed after him.
1:37 ne bamulaba ne bamugamba nti Bonna bakunoonya.	1:37 And when they had found him, they said unto him, All men seek for thee.
1:38 N'abagamba nti Tugende awalala mu bibuga ebiri okumpi mbuulir n'eyo; kubanga ekyo kye nnajjirira.	1:38 And he said unto them, Let us go into the next towns, that I may preach there also: for therefore came I forth.
1:39 N'ayingira mu maku**aaniro gaabwe mu Ggaliraaya yonna, ng'abuulira ng'agoba dayimooni.	1:39 And he preached in their synagogues throughout all Galilee, and cast out devils.
1:40 Omugenge n'ajja gy'ali, ng'amwegayirira ng'amufukaamirira ng'amugamba nti Bw'oyagala, oyinza okunnongoosa.	1:40 And there came a leper to him, beseeching him, and kneeling down to him, and saying unto him, If thou wilt, thou canst make me clean.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
1:41 N'amusaasira n'agolola omukono gwe n'amukwatako n'amugamba nti Njagala; longooka.	1:41 And Jesus, moved with compassion, put forth his hand, and touched him, and saith unto him, I will; be thou clean.
1:42 Amangu ag ebigenge bye ne bimuwonako n'a longooka.	1:42 And as soon as he had spoken, immediately the leprosy departed from him, and he was cleansed.
1:43 N'amukuutira nnyo amangu ago n'amusindika	1:43 And he straitly charged him, and forthwith sent him away;
1:44 n'amugamba nti Laba tobuulirako muntu; naye genda weeyoleke eri kabona, oweeyo olw'okulongooka kwo Musa bye yalagira okuba omujulirwa gye bali.	1:44 And saith unto him, See thou say nothing to any man: but go thy way, shew thyself to the priest, and offer for thy cleansing those things which Moses commanded, for a testimony unto them.
1:45 Naye n'afuluma, n'asooka okukibuulira ennyo n'okubunya ekigambo, n'okuyinza n'atayinza Yesu okuyingira nat mu kibuga mu lwatu, naye yali bweru mu malungu; ne bajja gy'ali nga bava wonna wonna.	1:45 But he went out, and began to publish it much, and to blaze abroad the matter, insomuch that Jesus could no more openly enter into the city, but was without in desert places: and they came to him from every quarter.
Makko 2	Mark 2
2:1 Awo ennaku bwe zaayitawo n'ayingira nate mu Kaperuna wumu, ne kiwulirwa ng'ali mu nju.	2:1 And again he entered into Capernaum after some days; and it was noised that he was in the house.
2:2 Ne baku**aana bangi, n'okugya wo ne batagyawo nate newakubadd mu mulyango: n'ababuulira ekigambo.	2:2 And straightway many were gathered together, insomuch that there was no room to receive them, no, not so much as about the door: and he preached the word unto them.
2:3 Ne bajja abaaleeta omu lwadde akoozimbye nga bamwetisse bana.	2:3 And they come unto him, bringing one sick of the palsy, which was borne of four.
2:4 Naye bwe baalemwa okumusemberera olw'ekibiina, ne babi kkula waggulu ku nnyumba we yali: ne bawummulawo ekituli ne bamussiza ku kitanda akoozimbye kwe yali agalamidde.	4 And when they could not come nigh unto him for the press, they uncovered the roof where he was: and when they had broken it up, they let down the bed wherein the sick of the palsy lay.
2:5 Yesu bwe yalaba okukkiriza kwabwe n'agamba akoozimbye nti Mwana wange, ebibi byo bikuggiddwako.	2:5 When Jesus saw their faith, he said unto the sick of the palsy, Son, thy sins be forgiven thee.
2:6 Naye waaliwo abawandiisi abamu nga batudde nga balowooza mu mitima gyabwe nti	2:6 But there was certain of the scribes sitting there, and reasoning in their hearts,
2:7 Ono kiki ekimwogeza bw'atyo? Awoola: ani ayinza okuggyako ebibi wabula omu, ye Katonda?	2:7 Why doth this man thus speak blasphemies? who can forgive sins but God only?

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
2:8 Amangu ago Yesu bwe yategeera mu mwoyo gwe nga balowooza bwe batyo munda yaabwe n'abagamba nti Kiki ekibalowoozesa ebyo mu mitima gyammwe?	2:8 And immediately when Jesus perceived in his spirit that they so reasoned within themselves, he said unto them, Why reason ye these things in your hearts?
2:9 Ekyangu kiruwa, okugamba akoozimbye nti Ebibi byo bikuggiddwako; nantiki okugamba nti Golokoka, weetikke ekitanda kyo, ogende?	2:9 Whether is it easier to say to the sick of the palsy, Thy sins be forgiven thee; or to say, Arise, and take up thy bed, and walk?
2:10 Naye mumanye nga Omwana w'omuntu alina obuyinza ku nsi okuggyako ebibi n'agamba akoozimbye nti	2:10 But that ye may know that the Son of man hath power on earth to forgive sins, (he saith to the sick of the palsy,)
2:11 Nkugamba, Golokoka, weetikke ekitanda kyo, oddeyo mu nnyumba yo.	2:11 I say unto thee, Arise, and take up thy bed, and go thy way into thine house.
2:12 N'agolokoka, ne yeetikka amangu ago ekitanda, n'afuluma mu maaso gaabwe bonna; awo ne beewuunya bonna ne bagulumiza Katonda nga bagamba nti Tetulabangako bwe tuti.	2:12 And immediately he arose, took up the bed, and went forth before them all; insomuch that they were all amazed, and glorified God, saying, We never saw it on this fashion.
2:13 N'avaawo nate n'agenda ku lubalama lw'ennyanja; ebibiina byonna ne bajja w'ali, n'abayigiriza.	2:13 And he went forth again by the sea side; and all the multitude resorted unto him, and he taught them.
2:14 Awo bwe yali ng'ayita, n'alaba Leevi omwana wa Alufaayo ng'atudde mu ggwoolezo, n'amugamba nti Yita nange. N'agolokoka n'ayita naye.	2:14 And as he passed by, he saw Levi the son of Alphaeus sitting at the receipt of custom, and said unto him, Follow me. And he arose and followed him.
2:15 Awo bwe yali ng'atudde mu nnyumba y'oyo ng'alya, abawooza bangi n'abalina ebibi ne batuula wamu ne Yesu n'abayigirizwa be; kubanga baali bangi, abaagenda naye.	2:15 And it came to pass, that, as Jesus sat at meat in his house, many publicans and sinners sat also together with Jesus and his disciples: for there were many, and they followed him.
2:16 Abawandiisi ab'omu Bafalisaayo bwe baamulaba ng'alya wamu n'abalina ebibi n'abawooza, ne bagamba abayigirizwa be nti Alya era anywera wamu n'abawooaa n'abalina ebibi.	2:16 And when the scribes and Pharisees saw him eat with publicans and sinners, they said unto his disciples, How is it that he eateth and drinketh with publicans and sinners?
2:17 Awo Yesu bwe yawulira n'abagamba nti Abalamu tebeetaaga musawo, wabula ibalwadde: satta kuyita batuukiruru wabula abalina ebibi.	2:17 When Jesus heard it, he saith unto them, They that are whole have no need of the physician, but they that are sick: I came not to call the righteous, but sinners to repentance.
2:18 Awo abayigirizwa ba Yokaana n'ab'Abafalisaayo baali nga basiiba; ne bajja ne bamugamba nti Kiki bayigirizwa ba Yokaana n'abayirizwa b'Abafalisaayo ekibasiiba, bayigirizwa bo nga tebasiiiba?	2:18 And the disciples of John and of the Pharisees used to fast: and they come and say unto him, Why do the disciples of John and of the Pharisees fast, but thy disciples fast not?

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
2:19 Yesu n'abagamba nti Abaana b'obugole bayinza batya akusiiba vasizza omugole ng'ali nabo? mubiro byonna nga bali naye awasizza omugole, tebayinza kusiiba.	2:19 And Jesus said unto them, Can the children of the bridechamber fast, while the bridegroom is with them? as long as they have the bridegroom with them, they cannot fast.
2:20 Naye ennaku zirituuka, awasizza omugole lw'alibagaibwala: ne balyoka basiiba ku lunaku olwo.	2:20 But the days will come, when the bridegroom shall be taken away from them, and then shall they fast in those days.
2:21 Tewali muntu atunga ekiwero eky'olugoye oluggya ku kyambalo ekikadde; bwe kiba kityo kiri eky'oku kizibawo kikutula kiri, ekikadde ekiggya, ekituli ne kyeyongera.	2:21 No man also seweth a piece of new cloth on an old garment: else the new piece that filled it up taketh away from the old, and the rent is made worse.
2:22 Era tewali muntu afuka omwenge omusu mu nsawo ez'amaliba enkadde: bwe kiba kityo omwenge gwabya ensawo ez'amaliba, omwenge ne gufaafaagana n'ensawo ez'amaliba zoononeka; naye omwenge omusu gufukibwa mu nsawo ez'amaliba empya.	2:22 And no man putteth new wine into old bottles: else the new wine doth burst the bottles, and the wine is spilled, and the bottles will be marred: but new wine must be put into new bottles.
2:23 Awo olwatuuka yall ng'atambula mu nnimiro ku lunaku lwa ssabbiiti; abayigirizwa be ne batanula okugenda nga banoga ebirimba.	2:23 And it came to pass, that he went through the corn fields on the sabbath day; and his disciples began, as they went, to pluck the ears of corn.
2:24 Abafalisaayo ne bamugamba nti Laba, kiki ekibakoza eky'omuzizo ku lunaku lwa ssabbiiti?	2:24 And the Pharisees said unto him, Behold, why do they on the sabbath day that which is not lawful?
2:25 N'abagamba nti Temusomaagaka Dawudi kye yakola, bwe yali nga yeetaaga, n'alumwa enjala ye n'abo be yali nabo?	2:25 And he said unto them, Have ye never read what David did, when he had need, and was an hungred, he, and they that were with him?
2:26 Bwe yayingira mu nnyumba ya Katonda, Abiyasaali bwe yali nga ye kabona asinga obukulu, n'alya emigaati egy'okulaga, egy'omuzizo okuliibwako wabula bakabona, n'agiwa ne be yali nabo?	2:26 How he went into the house of God in the days of Abiathar the high priest, and did eat the shewbread, which is not lawful to eat but for the priests, and gave also to them which were with him?
2:27 N'abagamba nti Ssabbiiti yabaawo ku lwa muntu, so omuntu si ku lwa ssabbiiti:	2:27 And he said unto them, The sabbath was made for man, and not man for the sabbath:
2:28 bwe kityo Omwana w'omuntu ye mukama wa ssabbiiti nayo.	2:28 Therefore the Son of man is Lord also of the sabbath.
Makko 3	Mark 3
3:1 N'ayingira nate mu kku**aaniro; mwalimu omuntu eyalina omukono ogukaze.	3:1 And he entered again into the synagogue; and there was a man there which had a withered hand.
3:2 Ne bamulabirira oba anaamuwonyeza ku lunaku lwa ssabbiiti, era bamuloope.	3:2 And they watched him, whether he would heal him on the sabbath day; that they might accuse him.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
3:3 N'agamba omuntu eyalina omukono ogukaze nti Yimirira wakati awo.	3:3 And he saith unto the man which had the withered hand, Stand forth.
3:4 Awo n'abagamba nti Kye kirungi ku lunaku lwa ssabbiiti okukola obulungi nantiki okukola obubi? kuwonya bulamu naatiki kutta? Naye ne basirika. busirisi.	3:4 And he saith unto them, Is it lawful to do good on the sabbath days, or to do evil? to save life, or to kill? But they held their peace.
3:5 Bwe yabeetoolooza amaaso n'obusungu, ng'anakuwadde olw'okukakaayala kw'emitima gyabwe, n'agamba omuntu ati Golola omukono gwo. N'agugolola: omukono gwe ne guwona.	3:5 And when he had looked round about on them with anger, being grieved for the hardness of their hearts, he saith unto the man, Stretch forth thine hand. And he stretched it out: and his hand was restored whole as the other.
3:6 Amangu ago Abafalisaayo ne bavaamu ne bateesa n'Abakerodi yaaniku ye, nga bwe banaamuzikiriza.	3:6 And the Pharisees went forth, and straightway took counsel with the Herodians against him, how they might destroy him.
3:7 Awo Yesu n'abayigirizwa be ne bagenda ku nnyanja, ebibiina bingi ne bimugoberera ebyava e Ggaliraaya n'e Buyudaaya	3:7 But Jesus withdrew himself with his disciples to the sea: and a great multitude from Galilee followed him, and from Judaea,
3:8 Yerusaalemi ne Idumaya n'emitala wa Yoludaani, n'abaliraanye e Ttuulo n'e Sidoni, ekibiina kinene, bwe baawulira bye yakola, ne bajja gy'ali.	3:8 And from Jerusalem, and from Idumaea, and from beyond Jordan; and they about Tyre and Sidon, a great multitude, when they had heard what great things he did, came unto him.
3:9 N'agamba abayigirizwa be eryato ettono limubeerenga kumpi ebibiina bireme okumunyigiriza;	3:9 And he spake to his disciples, that a small ship should wait on him because of the multitude, lest they should throng him.
3:10 kubanga yawonya bangi, n'okugwa abalwadde ne bamugwako bamukwateko, bonna abaali balina ebibonoobono.	3:10 For he had healed many; insomuch that they pressed upon him for to touch him, as many as had plagues.
3:11 Dayimooni ababi nabo bwe baamulaba ne bagwa mu maaso ge ne bakaaba nga bagamba nti Ggwe Mwana wa Katonda.	3:11 And unclean spirits, when they saw him, fell down before him, and cried, saying, Thou art the Son of God.
3:12 N'abakuutira nnyo baleme okumwatiikiriza.	3:12 And he straitly charged them that they should not make him known.
3:13 Awo n'alinyya ku lusozi n'abayita gy'ali b'ayagala: ne bagenda gy'ali.	3:13 And he goeth up into a mountain, and calleth unto him whom he would: and they came unto him.
3:14 N'ayawulamu ekkumi n'ababiri okubeeranga awamu naye, era abatumenga okubuulira,	3:14 And he ordained twelve, that they should be with him, and that he might send them forth to preach,
3:15 n'okuba n'obuyinza okugobanga emizimu:	3:15 And to have power to heal sicknesses, and to cast out devils:
3:16 Simooni n'amutuuma erinnya Peetero;	3:16 And Simon he surnamed Peter;

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
3:17 ne Yakobo omwana wa Zebbedaaayo, ne Yokaana, muganda wa Yakobo; nabo n'abatuuma amannya Bowanerege, amakulu gaalyo nti Baana ba kubwatuka:	3:17 And James the son of Zebedee, and John the brother of James; and he surnamed them Boanerges, which is, The sons of thunder:
3:18 ne Andereya ne Firipo, ne Battolomaayo, ne Matayo, ne Tomasi, ne Yakobo omwana wa Alufaayo, ne Saddayo, ne Simooni Omukananaayo,	3:18 And Andrew, and Philip, and Bartholomew, and Matthew, and Thomas, and James the son of Alphaeus, and Thaddaeus, and Simon the Canaanite,
3:19 ne Yuda Isukalyoti, ye yamulyamu olukwe. N'ajja mu nnyumba,	3:19 And Judas Iscariot, which also betrayed him: and they went into an house.
3:20 ekibiina ne kiku**aana nate, n'okuyinza ne batayinza na kulya mmere.	3:20 And the multitude cometh together again, so that they could not so much as eat bread.
3:21 Awo ababe bwe baawulira ne bafuluma okumukwata, kubanga. baagamba nti Alaluse.	3:21 And when his friends heard of it, they went out to lay hold on him: for they said, He is beside himself.
3:22 Awo abawandiisi abaaserengeta okuva e Yerusalemi ne bagamba nti Alina Beeruzebuli, era nti Agoba dayimooni ku bwa mukulu wa badayimooni.	3:22 And the scribes which came down from Jerusalem said, He hath Beelzebub, and by the prince of the devils casteth he out devils.
3:23 N'abayita gy'ali, n'abagambira mu ngero nti Setaani ayinza atya okugoba Setaani?	3:23 And he called them unto him, and said unto them in parables, How can Satan cast out Satan?
3:24 Obwakabaka bwe bwawukanamu bwo bwokka, obwakabaka obwo tebuyinza kuyimirira.	3:24 And if a kingdom be divided against itself, that kingdom cannot stand.
3:25 N'ennyumba bw'eyawukanamu yo yokka, ennyumba eyo teriyinza kuyimirira.	3:25 And if a house be divided against itself, that house cannot stand.
3:26 Era oba Setaani yeegolokokeddeko ye yekka, n'ayawukanamu, tayinza kuyimirira, naye aggwaawo.	3:26 And if Satan rise up against himself, and be divided, he cannot stand, but hath an end.
3:27 Naye tewali muntu ayinza okuyingira mu nnyumba y'omuntu ow'amaanyi okunyaga ebintu bye, nga tasoose kusiba oyo ow'amaanyi, n'alyoka anyaga ennyumba ye.	3:27 No man can enter into a strong man's house, and spoil his goods, except he will first bind the strong man; and then he will spoil his house.
3:28 Mazima mbagamba nti Abaana b'abantu balisoniyibwa ebibi byabwe byonna, n'obuwozi bwabwe bwe baliwoola bwonna;	3:28 Verily I say unto you, All sins shall be forgiven unto the sons of men, and blasphemies wherewith soever they shall blaspheme:
3:29 naye oyo yenna anawoolanga Omwoyo Omutukuvu talina kusonyiyibwa emirembe n'emirembe, naye azzizza omusango ogw'ekibi eky'emirembe n'emirembe:	3:29 But he that shall blaspheme against the Holy Ghost hath never forgiveness, but is in danger of eternal damnation.
3:30 kubanga baayogera nti Alina dayimooni.	3:30 Because they said, He hath an unclean spirit.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
3:31 Awo nnyina ne baganda be ne bajja, ne bamutumira ne bamuyita nga bayimiridde wabweru.	3:31 There came then his brethren and his mother, and, standing without, sent unto him, calling him.
3:32 N'ekibiina kyali kirudde nga bamwetoolodde; ne bamugamba nti Laba, nnyoko ne baganda bo bali wabweru bakunoonya.	3:32 And the multitude sat about him, and they said unto him, Behold, thy mother and thy brethren without seek for thee.
3:33 N'abaddamu ng'agamba nti Mmange ye ani ne baganda bange?	3:33 And he answered them, saying, Who is my mother, or my brethren?
3:34 n'abeetoolooza amaaso abaali batudde enjuyi zonna nga bamwetoolodde n'agamba nti Laba, mmange ne baganda bange!	3:34 And he looked round about on them which sat about him, and said, Behold my mother and my brethren!
3:35 Kubanga buli muntu yenna anaakolanga Katonda by'ayagala, oyo ye muganda wange, ye mwannyinaze, ye mmange.	3:35 For whosoever shall do the will of God, the same is my brother, and my sister, and mother.
Makko 4	Mark 4
4:1 Ate n'atanula okuyigiriza ku lubalama lw'ennyanja. Ekibiina kinene nnyo ne kiku**aanira w'ali, n'okusaabala n'asaabala mu lyato, n'atuula mu nnyanja; ekibiina kyonna ne kibeera ku nnyanja ku ttale.	4:1 And he began again to teach by the sea side: and there was gathered unto him a great multitude, so that he entered into a ship, and sat in the sea; and the whole multitude was by the sea on the land.
4:2 N'abayigiriza bingi mu ngero, n'abagamba mu kuyigiriza kwe nti	4:2 And he taught them many things by parables, and said unto them in his doctrine,
4:3 Muwulire; laba, omusizi yafuluma okusiga:	4:3 Hearken; Behold, there went out a sower to sow:
4:4 awo olwatuuka bwe yali ng'asiga, ezimu ne zigwa ku mabbali g'ekkubo, ennyo nyi ne zijja ne zizirya.	4:4 And it came to pass, as he sowed, some fell by the way side, and the fowls of the air came and devoured it up.
4:5 N'endala ne zigwa awali enjazi awatali ttaka lingi; amangu ago ne zimera, kubanga ettaka teryali ggwanvu:	4:5 And some fell on stony ground, where it had not much earth; and immediately it sprang up, because it had no depth of earth:
4:6 enjuba bwe yayaka, ne ziwotookerera; era kubanga tezaalina mmizi, ne zikala.	4:6 But when the sun was up, it was scorched; and because it had no root, it withered away.
4:7 dala ne zigwa awali amaggwa, amaggwa ne galoka, ne gazizisa ne zitabala bibala.	4:7 And some fell among thorns, and the thorns grew up, and choked it, and it yielded no fruit.
4:8 Endala ne zigwa ku ttaka eddungi, ne zibala ebibala ne bikula ne byeyongera; ne zizaala okutuusa amakumi asatu, era okutuusa enkaaga, era okutuusa ekikumi.	4:8 And other fell on good ground, and did yield fruit that sprang up and increased; and brought forth, some thirty, and some sixty, and some an hundred.
4:9 N'agamba nti Alina amatu ag'okuwulira, awulire:	4:9 And he said unto them, He that hath ears to hear, let him hear.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
4:10 Awo bwe yali yekka, abo abaali bamwetoolodde n'ekkami n'ababiri ne bamubuuza ku ngero ezo.	4:10 And when he was alone, they that were about him with the twelve asked of him the parable.
4:11 N'abagamba nti Mmwe mwaweebwa ekyama ky'obwakabaka bwa Katonda: naye bali ab'ebweru, byonna bibabeerera mu ngero:	4:11 And he said unto them, Unto you it is given to know the mystery of the kingdom of God: but unto them that are without, all these things are done in parables:
4:12 bwe balaba balabe, ne bateetegereza; era bwe bawulira bawulire, ne batategeera; mpozzi baleme okukyuka nate, okusonyiyibwa.	4:12 That seeing they may see, and not perceive; and hearing they may hear, and not understand; lest at any time they should be converted, and their sins should be forgiven them.
4:13 N'abagamba nti Temumanyi lugero luno? kale mulitegeera mutya engero zonna?	4:13 And he said unto them, Know ye not this parable? and how then will ye know all parables?
4:14 Omusizi asiga kigambo.	4:14 The sower soweth the word.
4:15 Bano be b'oku mabbali g'ekkubo, ekigambo we kisigibwa; awo bwe bawulira, amangu ago Setaani n'ajja n'aggyamu ekigambo ekyasigibwa mu bo.	4:15 And these are they by the way side, where the word is sown; but when they have heard, Satan cometh immediately, and taketh away the word that was sown in their hearts.
4:16 Ne bano bwe batyo be bali abasigibwa awali enjazi, abo, bwe bawulira ekigambo, amangu ago bakikkiriza n'essanyu;	4:16 And these are they likewise which are sown on stony ground; who, when they have heard the word, immediately receive it with gladness;
4:17 ne bataba na mmizi mu bo, naye bamala ekiseera kitono; awo bwe wabaawo okulaba ennaku oba kuyigganyizibwa olw'ekigambo, amangu ago beesittala.	4:17 And have no root in themselves, and so endure but for a time: afterward, when affliction or persecution ariseth for the word's sake, immediately they are offended.
4:18 N'abalala be bali abasigibwa awali amaggwa; abo, bwe bawulira ekigambo,	4:18 And these are they which are sown among thorns; such as hear the word,
4:19 awo emitawaana gy'ensi n'obulimba bw'obugagga, n'okwegomba kw'ebirala byonna bwe biyingira bizisa ekigambo, ne kitabala	4:19 And the cares of this world, and the deceitfulness of riches, and the lusts of other things entering in, choke the word, and it becometh unfruitful.
4:20 n'abo be bali abasigibwa awali ettaka eddungi; abawulira ekigambo, abakikkiriza, ababala ebibala amakumi asatu, n'enkaaga, n'ekikumi.	4:20 And these are they which are sown on good ground; such as hear the word, and receive it, and bring forth fruit, some thirtyfold, some sixty, and some an hundred.
4:21 N'abagamba nti Etabaaza ereetebwa okuteekebwa munda w'ekibbo, nantiki munda w'ekitanda, n'etetekebwa waggulu ku kikondo?	4:21 And he said unto them, Is a candle brought to be put under a bushel, or under a bed? and not to be set on a candlestick?
4:22 Kubanga tewali kikwekebwa, naye kirimanyibwa; newakubadde ekyakisibwa, naye kirirabika lwatu.	4:22 For there is nothing hid, which shall not be manifested; neither was any thing kept secret, but that it should come abroad.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
4:23 Buli alina amatu ag'okuwulira, awulire.	4:23 If any man have ears to hear, let him hear.
4:24 N'abagamba nti Mwekuume kye muwulira: mu kigera mwe mugera nammwe mwe muligererwa: era mulyongerwako.	4:24 And he said unto them, Take heed what ye hear: with what measure ye mete, it shall be measured to you: and unto you that hear shall more be given.
4:25 Kubanga, alina aliweebwa: n'atalina aliggibwako n'ekyo ky'ali nakyo.	4:25 For he that hath, to him shall be given: and he that hath not, from him shall be taken even that which he hath.
4:26 N'agamba nti Obwakabaka bwa Katonda bwe buti, ng'omuntu bw'amansa ensigo ku ttaka;	4:26 And he said, So is the kingdom of God, as if a man should cast seed into the ground;
4:27 n yeebaka n'agolokoka ekiro n'emisa na, n'ensigo n'emeruka n'ekula, ye nga tamanyi bw'emerase.	4:27 And should sleep, and rise night and day, and the seed should spring and grow up, he knoweth not how.
4:28 Ensi ebala yokka, okusooka kalagala, an kirimba, ate **aano enkulu mi kirimba.	4:28 For the earth bringeth forth fruit of herself; first the blade, then the ear, after that the full corn in the ear.
4:29 Naye emmere bw'e yengera, amangu ago assaako ekiwabyo, kubanga okukungula kutuuse.	4:29 But when the fruit is brought forth, immediately he putteth in the sickle, because the harvest is come.
4:30 N'agamba nti Tunaabufaananya tutya obwakabaka bwa Katonda? Nantiki tunaabunnyonyolera ku kifaananyi ki?	4:30 And he said, Whereunto shall we liken the kingdom of God? or with what comparison shall we compare it?
4:31 Bufaanana ng'akaweke aka kaladaali, ako, bwo kasigibwa mu ttaka, newakubadde nga ke katono okukira ensigo zonna eziri mu nsi,	4:31 It is like a grain of mustard seed, which, when it is sown in the earth, is less than all the seeds that be in the earth:
4:32 naye bwe kasigibwa kakula, kaba kanene okukira enva zonna, kasuula amatabi amanene kale era ennyonyi ez'omu bbanga ne ziyinza okutuula wansi w'ekisiikirize kyagwo.	4:32 But when it is sown, it groweth up, and becometh greater than all herbs, and shooteth out great branches; so that the fowls of the air may lodge under the shadow of it.
4:33 N'abagamba ekigambo mu ngeri nnyingi ng'ezo, nga bwe bayinza okukiwulira:	4:33 And with many such parables spake he the word unto them, as they were able to hear it.
4:34 teyayogera nabo awatali lugero: naye n'ategeezanga abayigirizwa be ye byonna mu kyama.	4:34 But without a parable spake he not unto them: and when they were alone, he expounded all things to his disciples.
4:35 Awo ku lunaku olwo bwe bwali buwungedde, n'abagamba nti Tuwunguke tutuuke emitala w'eri,	4:35 And the same day, when the even was come, he saith unto them, Let us pass over unto the other side.
4:36 Bwe baaleka ekibiina, ne bamutwalira mu lyato, nga bwe yali, Era n'amaato amalala gaali naye.	4:36 And when they had sent away the multitude, they took him even as he was in the ship. And there were also with him other little ships.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
4:37 Awo omuyaga mungi ne gujja, amayengo ne gayiika mu lyato, n'eryato lyali nga ligenda okujjula.	4:37 And there arose a great storm of wind, and the waves beat into the ship, so that it was now full.
4:38 Ye yennyini yali yeebase mu kiwenda ku kigugu, ne bamuzuukusa, ne bamugamba nti Omuyigiriza, tofaayo nga tufa?	4:38 And he was in the hinder part of the ship, asleep on a pillow: and they awake him, and say unto him, Master, carest thou not that we perish?
4:39 N'azuukuka, n'aboggolera omuyaga, n'agamba ennyanja nti Sirika, teeka. Omuyaga ne gukkakkana, n'eba nteefu nnyo.	4:39 And he arose, and rebuked the wind, and said unto the sea, Peace, be still. And the wind ceased, and there was a great calm.
4:40 N'abagamba nti Kiki ekibatiisa? Temunnaba kuba na kukkiriza?	4:40 And he said unto them, Why are ye so fearful? how is it that ye have no faith?
4:41 Ne batya entiisa nnene, ne bagambagana nti Kale ono ye ani, kubanga omuyaga n'ennyanja bimuwulira?	4:41 And they feared exceedingly, and said one to another, What manner of man is this, that even the wind and the sea obey him?
Makko 5	Mark 5
5:1 Ne batuuka emitala w'ennyanja mu nsi y'Abagerasene.	5:1 And they came over unto the other side of the sea, into the country of the Gadarenes.
5:2 Bwe yava mu lyato, amangu ago omuntu eyaliko dayimooni eyava mu ntaana n'amusisinkana,	5:2 And when he was come out of the ship, immediately there met him out of the tombs a man with an unclean spirit,
5:3 eyasulanga mu ntaana; nga tewakyali muntu ayinza kumusiba, newakubadde mu lujegeregere,	5:3 Who had his dwelling among the tombs; and no man could bind him, no, not with chains:
5:4 kubanga emirundi mingi yateekebwako mu masamba, ne mu njegere, enjegere n'azikutula, n'amasamba n'agamenyaamenya: ne wataba muntu wa maanyi okumusobola.	5:4 Because that he had been often bound with fetters and chains, and the chains had been plucked asunder by him, and the fetters broken in pieces: neither could any man tame him.
5:5 Naye bulijjo, ekiro n'emisana, yakaabiranga mu ntaana ne ku nsozi, ne yeesala n'amayinja.	5:5 And always, night and day, he was in the mountains, and in the tombs, crying, and cutting himself with stones.
5:6 Bwe yalengera Yesu ng'akyali wala, n'addukana n'amusinza; n'akaaba n'eddooboozi ddene	5:6 But when he saw Jesus afar off, he ran and worshipped him,
5:7 ng'agamba nti Onvunaana ki, Yesu Omwana wa Katonda, Ali waggulu ennyo? Nkulayiza Katonda, tombonereza.	5:7 And cried with a loud voice, and said, What have I to do with thee, Jesus, thou Son of the most high God? I adjure thee by God, that thou torment me not.
5:8 Kubanga yamugamba nti Va ku muntu ono, ggwe dayimooni.	5:8 For he said unto him, Come out of the man, thou unclean spirit.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
5:9 N'amubuuza nti Erinnya lyo ggwe ani? N'amugamba nti Erinnya lyange Liigyoni; kubanga tuli bangi.	5:9 And he asked him, What is thy name? And he answered, saying, My name is Legion: for we are many.
5:10 N'amwegayirira nnyo aleme okubagoba mu nsi eyo.	5:10 And he besought him much that he would not send them away out of the country.
5:11 Awo ku lusozzi waaliwo eggana ly'embizzi ddene nga zirya.	5:11 Now there was there nigh unto the mountains a great herd of swine feeding.
5:12 N'amwegayirira, ng'amugamba nti Tusindike mu mbizzi tuziyingiremu.	5:12 And all the devils besought him, saying, Send us into the swine, that we may enter into them.
5:13 N'amukkiriza, Dayimooni n'avaamu, n'ayingira mu mbizzi: eggana ne lifubutuka ne liserengetera ku bbanga mu anyanja, zaali nga nkumi bbiri, ne zifiira mu nnyanja.	5:13 And forthwith Jesus gave them leave. And the unclean spirits went out, and entered into the swine: and the herd ran violently down a steep place into the sea, (they were about two thousand;) and were choked in the sea.
5:14 Awo abaali bazirunda ne badduka, ne babuulira ab'omu kibuga, n'ab'omu byalo, ne bajja okulaba ebibaddeyo bwe biri.	5:14 And they that fed the swine fled, and told it in the city, and in the country. And they went out to see what it was that was done.
5:15 Ne batuuka awali Yesu, ne balaba eyaliko dayimooni ng'atudde, ng'ayambadde nga alina amagezi, oyo eyaliko liigyoni; ne batya.	5:15 And they come to Jesus, and see him that was possessed with the devil, and had the legion, sitting, and clothed, and in his right mind: and they were afraid.
5:16 Abaalaba ne babannyonnyola ebimubaddeko oyo eyaliko dayimooni, era n'eby'embizzi.	5:16 And they that saw it told them how it befell to him that was possessed with the devil, and also concerning the swine.
5:17 Ne batanula okumwegayirira okuva mu nsalo zaabwe.	5:17 And they began to pray him to depart out of their coasts.
5:18 Awo bwe yali ng'asaabala mu lyato, oyo eyaliko dayimooni n'amwegayirira abeere naye.	5:18 And when he was come into the ship, he that had been possessed with the devil prayed him that he might be with him.
5:19 N'atamuganya, naye yamugamba nti Genda eka mu babo, obabuulire bwe biri ebikulu Katonda by'akukoledde, ne bw'akusaasidde.	5:19 Howbeit Jesus suffered him not, but saith unto him, Go home to thy friends, and tell them how great things the Lord hath done for thee, and hath had compassion on thee.
5:20 N'agenda, n'atanula okubuulira mu Dekapoli bwe biri ebikulu Yesu bye yamukolera. Abantu bonna ne beewuunya.	5:20 And he departed, and began to publish in Decapolis how great things Jesus had done for him: and all men did marvel.
5:21 Awo Yesu bwe yawunguka ate mu lyato n'atuuka emitala, bibiina bingi ne biku**aanira w'ali; ye ng'ali kumpi n'ennyanja.	5:21 And when Jesus was passed over again by ship unto the other side, much people gathered unto him: and he was nigh unto the sea.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
5:22 Omu ow'oku bakulu b'ekku**aairo, erinnya lye Yayiro, n'ajja; bwe yamulaba, n'avuunama ku bigere bye,	5:22 And, behold, there cometh one of the rulers of the synagogue, Jairus by name; and when he saw him, he fell at his feet,
5:23 n'amwegayirira nnyo ng'agamba nti Omuwala wange omuto ali kumpi n'okufa: nkwegayirira oje, omusseeko emikono gyo, adde mu mbeera ye, alamuke.	5:23 And besought him greatly, saying, My little daughter lieth at the point of death: I pray thee, come and lay thy hands on her, that she may be healed; and she shall live.
5:24 N'agenda naye; ekibiina ekinene ne kimugoberera, ne bamunyigiriza.	5:24 And Jesus went with him; and much people followed him, and thronged him.
5:25 Awo omukazi eyali alwalidde ekikulukuto ky'omusaayi emyaka kkumi n'ebiri,	5:25 And a certain woman, which had an issue of blood twelve years,
5:26 eyatengejja ennyo eri abasawo abangi, n'awangayo bye yali nabyo byonna, so n'atabaako kimugasa, naye ne yeeyongeranga bweyongezi okulwala,	5:26 And had suffered many things of many physicians, and had spent all that she had, and was nothing bettered, but rather grew worse,
5:27 bwe yawulira ebigambo bya Yesu, n'ajjira mu kibiina emabega we n'akoma ku kyambalo kye.	5:27 When she had heard of Jesus, came in the press behind, and touched his garment.
5:28 Kubanga yagamba nti Bwe nkomako obukomi ku byambalo bye, nnaawona.	5:28 For she said, If I may touch but his clothes, I shall be whole.
5:29 Amangu ago ensulo ey'omusaayi n'ekalira, n'ategeera mu mubiri gwe ng'awonyezebbwa ekibonoobono kye.	5:29 And straightway the fountain of her blood was dried up; and she felt in her body that she was healed of that plague.
5:30 Amangu ago Yesu bwe yategeera munda mu ye amaanyi agamuvuddemu, n'akyuka mu kibiina n'agamba nti Ani akomye ku byambalo byange?	5:30 And Jesus, immediately knowing in himself that virtue had gone out of him, turned him about in the press, and said, Who touched my clothes?
5:31 Abayigirizwa be ne bamugamba nti Olaba ekibiina bwe bakunyigiriza, n'ogamba nti Ani ankomyeko?	5:31 And his disciples said unto him, Thou seest the multitude thronging thee, and sayest thou, Who touched me?
5:32 Ne yeetoolooza amaaso okulaba oyo akoze ekigambo ekyo.	5:32 And he looked round about to see her that had done this thing.
5:33 Naye omukazi ng'atya ng'akankana, ng'amanyi ky'abadde, n'ajja n'afukamira mu maaso ge, n'amubuulira eby'amazima byonna.	5:33 But the woman fearing and trembling, knowing what was done in her, came and fell down before him, and told him all the truth.
5:34 N'amugamba nti Omuwala, okukkiriza kwo kukuwonyezza; weegendere n'emirembe, owonere ddala ekibonoobono kyo.	5:34 And he said unto her, Daughter, thy faith hath made thee whole; go in peace, and be whole of thy plague.
5:35 Awo bwe yali akyayogera, abaava ew'omukulu w'ekku**aairo ne bajja, nga bagamba nti Omuwala wo afudde; oteganyiza ki nate Omuyigiriza?	5:35 While he yet spake, there came from the ruler of the synagogue's house certain which said, Thy daughter is dead: why troublest thou the Master any further?

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
5:36 Naye Yesu n'atassaako mwoyo ku kigambo ekyogeddwa, n'agamba omukulu w'ekku**aaniro nti Totya, kkiriza bukkiriza.	5:36 As soon as Jesus heard the word that was spoken, he saith unto the ruler of the synagogue, Be not afraid, only believe.
5:37 N'ataganya muntu kugenda naye wabula Peetero ne Yakobo, ne Yokaana, muganda wa Yakobo.	5:37 And he suffered no man to follow him, save Peter, and James, and John the brother of James.
5:38 Ne batuuka ku nnyumba y'omukulu w'ekku**aaniro, n'alaba okwaziirana, n'abakaaba, n'abakuba ebiwoobe ebingi.	5:38 And he cometh to the house of the ruler of the synagogue, and seeth the tumult, and them that wept and wailed greatly.
5:39 Awo bwe yayingira n'abagamba nti Kiki ekibaaziiranya n'ekibakaabya? omuwala tafudde, naye yeebase bwebasi.	5:39 And when he was come in, he saith unto them, Why make ye this ado, and weep? the damsel is not dead, but sleepeth.
5:40 Ne bamusekerera nnyo. Naye bwe yabafulumya bonna, n'atwala kitaawe w'omuwala ne nnyina n'abo abaali naye, n'ayingira omuwala mw'ali.	5:40 And they laughed him to scorn. But when he had put them all out, he taketh the father and the mother of the damsel, and them that were with him, and entereth in where the damsel was lying.
5:41 Awo n'akwata omukono gw'omuwala, n'amugamba nti Talusa kumi okutegeezebwa kwakyo nti muwala, nkugamba nti Golokoka.	5:41 And he took the damsel by the hand, and said unto her, Talitha cumi; which is, being interpreted, Damsel, I say unto thee, arise.
5:42 Amangu ago omuwala n'agolokoka, n'atambula; kubanga yali yaakamala emyaka kkumi n'ebiri. Amangu ago ne bawuniikirira okuwuniikirira kunene.	5:42 And straightway the damsel arose, and walked; for she was of the age of twelve years. And they were astonished with a great astonishment.
5:43 N'abakuutira nnyo buli muntu yenna aleme okukimaaya ekyo: n'alagira okumuwa eky'okulya.	5:43 And he charged them straitly that no man should know it; and commanded that something should be given her to eat.
Makko 6	Mark 6
6:1 N'avaayo; n'ajja mu nsi y'ewaabwe; abayigirizwa be ne bagenda naye.	6:1 And he went out from thence, and came into his own country; and his disciples follow him.
6:2 Awo ssabbiiti bwe yatuuka, n'atanula okuyigiriza mu kkunnaaniro: abaagi bwe baamuwulira ne bawuniikirira, nga bagamba nti Ono ebyo yabiggya wa? era nti Magezi ki gano ga yaweebwa ono, era eby'amagero ebyenkanidde wano ebikolebwa mu mikono gye?	6:2 And when the sabbath day was come, he began to teach in the synagogue: and many hearing him were astonished, saying, From whence hath this man these things? and what wisdom is this which is given unto him, that even such mighty works are wrought by his hands?
6:3 Si ye wuuno omubazzi, omwana wa Malyamu, muganda wa Yakobo, ne Yose, ne Yuda ne Simooni? Ne bannyina tetuli nabo wano ewaffe? Ne bamwesittalako.	6:3 Is not this the carpenter, the son of Mary, the brother of James, and Joses, and of Juda, and Simon? and are not his sisters here with us? And they were offended at him.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
6:4 Yesu n'abagamba nti Nnabbi tabulwa kitiibwa wabula mu nsi yaabo, ne mu kika kye, ne mu nnyumba ye.	6:4 But Jesus, said unto them, A prophet is not without honour, but in his own country, and among his own kin, and in his own house.
6:5 So teyayinza kukolerayo kya magero kyonna, naye yassa emikono gye ku balwadde batono, n'abawonya.	6:5 And he could there do no mighty work, save that he laid his hands upon a few sick folk, and healed them.
6:6 Ne yeewuunya olw'obutakkiriza bwabwe. Ne yeetoolola mu mbuga enjuyi zonna ng'ayigiriza.	6:6 And he marvelled because of their unbelief. And he went round about the villages, teaching.
6:7 N'ayita gy'ali ekkumi n'ababiri, n'atanula okubatuma kinnababirye; n'abawa obuyinza ku dayimooni;	6:7 And he called unto him the twelve, and began to send them forth by two and two; and gave them power over unclean spirits;
6:8 n'abalagira obutatwala kintu kya mu kkubo wabula omuggo gwokka; si mmere, newakubadde ensawo, newakubadde ebikomo mu nkoba zaabwe,	6:8 And commanded them that they should take nothing for their journey, save a staff only; no scrip, no bread, no money in their purse:
6:9 naye nga banaanise engatto; era temwambalanga kkanzu bbiri.	6:9 But be shod with sandals; and not put on two coats.
6:10 N'abagamba nti Buli nju yonna mwe muyingiranga mubeeranga omwo okutuusa lwe mulivaayo.	6:10 And he said unto them, In what place soever ye enter into an house, there abide till ye depart from that place.
6:11 Na buli kifo kyonna ekitalibakkiriza, obutabawulira, bwe muvangayo, mukunkumulanga enfuufu eri mu bigere byammwe okuba omujulirwa gye bali.	6:11 And whosoever shall not receive you, nor hear you, when ye depart thence, shake off the dust under your feet for a testimony against them. Verily I say unto you, It shall be more tolerable for Sodom and Gomorrhah in the day of judgment, than for that city.
6:12 Ne bagenda ne babuulira abantu okwenenya.	6:12 And they went out, and preached that men should repent.
6:13 Ne bagoba dayimooni mungi; ne basiiga amafuta ku balwadde bangi ne babawonya.	6:13 And they cast out many devils, and anointed with oil many that were sick, and healed them.
6:14 Awo Kerode kabaka n'awulira, kubanga erinnya lye lyatiikiridde; n'agamba nti Yokaana Omubatiza azuukidde mu bafu, amaanyi gano kyegava gakolera mu ye.	6:14 And king Herod heard of him; (for his name was spread abroad:) and he said, That John the Baptist was risen from the dead, and therefore mighty works do shew forth themselves in him.
6:15 Naye abalala ne bagamba nti Ye Eriya. Abalala ne bagamba nti Nnabbi, ng'omu ku bannabbi.	6:15 Others said, That it is Elias. And others said, That it is a prophet, or as one of the prophets.
6:16 Naye Kerode, bwe yawulira n'agamba nti Yokaana gwe nnatemako omutwe nze, ye azuukidde.	6:16 But when Herod heard thereof, he said, It is John, whom I beheaded: he is risen from the dead.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
6:17 Kubanga Kerode yennyini yatuma, n'akwata Yokaana, n'amusiba n'amussa mu kkomera olwa Kerodiya, mukazi wa muganda we Firipo: kubanga yamuwasa.	6:17 For Herod himself had sent forth and laid hold upon John, and bound him in prison for Herodias' sake, his brother Philip's wife: for he had married her.
6:18 Kubanga Yokaana yagamba Kerode nti Kya muzizo ggwe okubeera ne mukazi wa muganda wo.	6:18 For John had said unto Herod, It is not lawful for thee to have thy brother's wife.
6:19 Ne Kerodiya kyeyava amuwera n'ayagala okumutta, n'atayinza;	6:19 Therefore Herodias had a quarrel against him, and would have killed him; but she could not:
6:20 kubanga Kerode yatya Yokaana, ng'amumanyi nga mutuukirivu mutukuvu, n'amwerinda. Yayagalanga nnyo okuwulira by'ayogera; naye ate byamule kanga nga tamanyi kya kukola.	6:20 For Herod feared John, knowing that he was a just man and an holy, and observed him; and when he heard him, he did many things, and heard him gladly.
6:21 Awo olunaku olulungi bwe lwatuuka, Kerode lwe yafumbira abakungu be embaga ku lunaku olw'okuzaalibwa kwe, n'abakulu ba sserikale, n'abaami ab'e Ggaliraaya:	6:21 And when a convenient day was come, that Herod on his birthday made a supper to his lords, high captains, and chief estates of Galilee;
6:22 awo muwala wa Kerodiya yennyini bwe yajja n'azina, Kerode n'abo abaali batudde naye nga balya ne bamusiima; awo kabaka n'agamba omuwala nti Nsaba ky'oyagala kyonna, nnaakikuwa.	6:22 And when the daughter of the said Herodias came in, and danced, and pleased Herod and them that sat with him, the king said unto the damsel, Ask of me whatsoever thou wilt, and I will give it thee.
6:23 N'amulayirira nti Kyonna kyonna ky'ononsaba, nnaakikuwa, newakubadde ekitundu eky'obwakabaka bwange.	6:23 And he sware unto her, Whatsoever thou shalt ask of me, I will give it thee, unto the half of my kingdom.
6:24 Awo n'afuluma, n'agamba nnyina nti Nnaasaba ki? N'agamba nti Omutwe gwa Yokaana Omubatiza.	6:24 And she went forth, and said unto her mother, What shall I ask? And she said, The head of John the Baptist.
6:25 Amangu ago n'ayanguwako n'ajja eri kabaka, n'asaba, ng'agamba nti Njagala ompeere kaakano mu lutiba omutwe gwa Yokaana Omubatiza.	6:25 And she came in straightway with haste unto the king, and asked, saying, I will that thou give me by and by in a charger the head of John the Baptist.
6:26 Awo kabaka n'anakuwala nnyo; naye olw'ebirayiro bye, n'abo abaali batudde naye nga balya, n'atayagala kumumma.	6:26 And the king was exceeding sorry; yet for his oath's sake, and for their sakes which sat with him, he would not reject her.
6:27 Amangu ago kabaka n'atuma sserikale omumbowa, n'alagira okuleeta omutwe gwe; n'agenda n'amutemerako omutwe mu kkomera,	6:27 And immediately the king sent an executioner, and commanded his head to be brought: and he went and beheaded him in the prison,
6:28 n'aleetera omutwe gwe mu lutiba, n'aguwa omuwala, n'omuwala n'aguwa nnyina.	6:28 And brought his head in a charger, and gave it to the damsel: and the damsel gave it to her mother.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
6:29 Awo abayigirizwa be bwe baawulira, ne bajja ne batwala omulambo gwe, ne baguteeka mu ntaana.	6:29 And when his disciples heard of it, they came and took up his corpse, and laid it in a tomb.
6:30 Abatume ne bakunnaanira awali Yesu; ne bamubuulira ebigambo byonna, bye baakola, ne bye baayigiriza.	6:30 And the apostles gathered themselves together unto Jesus, and told him all things, both what they had done, and what they had taught.
6:31 N'abagamba nti Mujje mmwe mwekka kyama mu kifo eteri bantu muwummuleko katonu. Kubanga waaliwo bangi abajja n'abagenda, so ne bataba na bbanga newakubadde aw'okuliira.	6:31 And he said unto them, Come ye yourselves apart into a desert place, and rest a while: for there were many coming and going, and they had no leisure so much as to eat.
6:32 Ne bagendera mu lyato kyama mu kifo eteri bantu.	6:32 And they departed into a desert place by ship privately.
6:33 Ne babalaba nga bagenda, bangi ne babategeera, n'abo abaava mu bibuga byonna ne baddukana ku lukalu, ne babasookayo.	6:33 And the people saw them departing, and many knew him, and ran afoot thither out of all cities, and outwent them, and came together unto him.
6:34 Bwe yava mu lyato n'alaba ebibiina bingi, n'abasaasira, kubanga baali ng'endiga ezitalina musumba; n'atanula okubayigiriza ebigambo bingi.	6:34 And Jesus, when he came out, saw much people, and was moved with compassion toward them, because they were as sheep not having a shepherd: and he began to teach them many things.
6:35 Awo obudde bwe bwali buyise, abayigirizwa be ne bajja w'ali, ne bagamba nti Ekifo kino kya ddungu, ne kaakano obudde buyise:	6:35 And when the day was now far spent, his disciples came unto him, and said, This is a desert place, and now the time is far passed:
6:36 basiibule, bagende mu byalo ne mu mbuga eby'oku njuyi zonna beegulire emmere.	6:36 Send them away, that they may go into the country round about, and into the villages, and buy themselves bread: for they have nothing to eat.
6:37 Naye n'addamu, n'abagamba nti Mmwe mubawe emmere. Ne bamugamba nti Tugende tugule emigaati egy'eddinaali ebibiri tugibawe balye?	6:37 He answered and said unto them, Give ye them to eat. And they say unto him, Shall we go and buy two hundred pennyworth of bread, and give them to eat?
6:38 N'abagamba nti Mulina emigaati emeka? mugende mulabe. Bwe baategeera ne bagamba nti Etaano, n'ebyenyanja bibiri.	6:38 He saith unto them, How many loaves have ye? go and see. And when they knew, they say, Five, and two fishes.
6:39 N'abalagira batuule bonna bibiina bibiina ku muddo.	6:39 And he commanded them to make all sit down by companies upon the green grass.
6:40 Ne batuula anyiriri nnyiriri, ekikumi, n'amakumi ataano.	6:40 And they sat down in ranks, by hundreds, and by fifties.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
6:41 N'akwata emigaati etaano n'ebyenyanja ebibiri, n'atunula waggulu, ne, yeebaza, n'amenyamu emigaati, n'awa abayigirizwa be bagisse mu maaso ga bali; n'ebyenyanja bibiri n'abigabira bonna.	6:41 And when he had taken the five loaves and the two fishes, he looked up to heaven, and blessed, and brake the loaves, and gave them to his disciples to set before them; and the two fishes divided he among them all.
6:42 Ne balya bonna ne bakkuta.	6:42 And they did all eat, and were filled.
6:43 Ne bakunnaanya abukunkumuka, ne bujjuza ebibbo kkumi na bibiri, n'ebyenyanja.	6:43 And they took up twelve baskets full of the fragments, and of the fishes.
6:44 Abo abaalya emigaati baali abasajja enkumi ttaano:	6:44 And they that did eat of the loaves were about five thousand men.
6:45 Amangu ago n'abawaliriza aba yigirizwa be okusaabala mu lyato basookeyo emitala w'eri e Besusa yida, ye amale okusiibula ebibiina.	6:45 And straightway he constrained his disciples to get into the ship, and to go to the other side before unto Bethsaida, while he sent away the people.
6:46 Awo bwe yamala okubasiibula n'agenda ku lusozi okusaba	6:46 And when he had sent them away, he departed into a mountain to pray.
6:47 Awo bwe bwali buwungedde eryato lyali mu nnyanja mu buziba ye yali yekka ku lukalu.	6:47 And when even was come, the ship was in the midst of the sea, and he alone on the land.
6:48 Awo bwe yalaba nga bategana okuvuga kubanga omuyaga gwali gubafulu mye mu maaso, mu kisisimuka eky'okuna eky'ekiro n'ajja gye baali ng'atambulira ku nnyanja; yali ng'agenda kubayisa:	6:48 And he saw them toiling in rowing; for the wind was contrary unto them: and about the fourth watch of the night he cometh unto them, walking upon the sea, and would have passed by them.
6:49 naye bo bwe baamulaba ng'atambulira ki nnyanja, ne balowooza nti kifaananyi, ne bakaaba;	6:49 But when they saw him walking upon the sea, they supposed it had been a spirit, and cried out:
6:50 kubanga bonna baamulaba, ne beeraliikirira Naye amangu ago n'ayogera nabo n'abagamba nti Mugume: nze nzuuno, temutya.	6:50 For they all saw him, and were troubled. And immediately he talked with them, and saith unto them, Be of good cheer: it is I; be not afraid.
6:51 N'alinnya mu lyato mwe baali, omuyaga ne gufa ne bawuniikirira nnyo munda yaabwe;	6:51 And he went up unto them into the ship; and the wind ceased: and they were sore amazed in themselves beyond measure, and wondered.
6:52 kubanga eby'emigaati tebaabitegeera, naye emitima gyabwe gyali mikakanyavu.	6:52 For they considered not the miracle of the loaves: for their heart was hardened.
6:53 Awo bwe baawunguka, ne bajja mu nsi ey' Genesaleeti, ne bagoba ettale	6:53 And when they had passed over, they came into the land of Gennesaret, and drew to the shore.
6:54 Awo bwe baava mu lyate amangu ago ne bamutegeera,	6:54 And when they were come out of the ship, straightway they knew him,

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
6:55 ne baddukana ne beetooloola mu eyo yonna, ne batanula okusitulira ku bitanda abalwadde okubaleeta we baawulira nga w'ali.	6:55 And ran through that whole region round about, and began to carry about in beds those that were sick, where they heard he was.
6:56 Ne buli gye yagendanga, mu mbuga, oba mu bibuga, oba mu byalo, bassanga abalwadde mu butale, ne bamwega yirira bakomeko bukomi ku lukugiro lw'olugoye lwe: n'abo abaamu komangako ne bawona.	6:56 And whithersoever he entered, into villages, or cities, or country, they laid the sick in the streets, and besought him that they might touch if it were but the border of his garment: and as many as touched him were made whole.
Makko 7	Mark 7
7:1 Ne baku**aanira w'ali Abafalisaayo n'abawandiisi abami abaava e Yerusalemi, era abaalaba abayigirizwa be abamu ne balya emmere yaabwe n'engalo embi, ze zitanaabiddwa.	7:1 Then came together unto him the Pharisees, and certain of the scribes, which came from Jerusalem.
7:2 era abaalaba abayigirizwa be abamu ne balya emmere yaabwe n'engalo embi, ze zitanaabiddwa.	7:2 And when they saw some of his disciples eat bread with defiled, that is to say, with unwashen, hands, they found fault.
7:3 Kubanga Abafalisaayo, n'Abayudaaya bonna bwe batanaaba nnyo mu nga: zaabwe, tebalya, kubanga bakwata obulombolombo obw'abakadde	7:3 For the Pharisees, and all the Jews, except they wash their hands oft, eat not, holding the tradition of the elders.
7:4 era bwe bava mu katale, bwe batanaaba, tebalya: era waliwo n'ebirala bingi bye baaweebwa okukwata, okunaazanga ebikompe; n'ebibya, n'entamu ez'ebikomo.	7:4 And when they come from the market, except they wash, they eat not. And many other things there be, which they have received to hold, as the washing of cups, and pots, brasen vessels, and of tables.
7:5 Abafalisaayo n'abawandiisi ne bamubuuza nti Kiki abayigirizwa bo ekibalobera okutambulira mu bulombolombo obw'abakadde, naye bamala galya emmere n'engalo embi?	7:5 Then the Pharisees and scribes asked him, Why walk not thy disciples according to the tradition of the elders, but eat bread with unwashen hands?
7:6 N'abagamba nti Isaaya yalagula bulungi ku mmwe bannanfuusi, nga bwe kyawandiikibwa nti Abantu bano banzisaamu ekitiibwa kya ku mimwa, Naye emitima gyabwe gindi wala.	7:6 He answered and said unto them, Well hath Esaias prophesied of you hypocrites, as it is written, This people honoureth me with their lips, but their heart is far from me.
7:7 Naye bansinziza bwereere, Nga bayigiriza amateeka g'abantu nga bye by'okukwata.	7:7 Howbeit in vain do they worship me, teaching for doctrines the commandments of men.
7:8 Muleka etteeka lya Katonda, ne mukwata obulombolombo bw'abantu.	7:8 For laying aside the commandment of God, ye hold the tradition of men, as the washing of pots and cups: and many other such like things ye do.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
7:9 N'abagamba nti Mugaanira ddala bulungi etteeka lya Katonda, era mukwate obulombolombo bwammwe.	7:9 And he said unto them, Full well ye reject the commandment of God, that ye may keep your own tradition.
7:10 Kubanga Musa yayogera nti Ossaanga mu ekitiibwa kitaawo ne nnyako; era nti Avumanga kitaawe Oba nnyina, bamuttangabussi:	7:10 For Moses said, Honour thy father and thy mother; and, Whoso curseth father or mother, let him die the death:
7:11 naye mmwe mwogera nti Omuntu bw'agamba kitaawe oba nnyina nti Kyonna kye nnandikuwadde okukugasa ye Kolubaani, ekitegeezebwa nti Kitone kya Katonda;	7:11 But ye say, If a man shall say to his father or mother, It is Corban, that is to say, a gift, by whatsoever thou mightest be profited by me; he shall be free.
7:12 temukyamuganya okukolera ekintu kitaawe oba nnyina;	7:12 And ye suffer him no more to do ought for his father or his mother;
7:13 mudibya ekigambo kya Katonda olw'obulombolombo bwammwe, bwe mwayigiriza: era mukola ebigambo ebirala bingi ng'ebyo.	7:13 Making the word of God of none effect through your tradition, which ye have delivered: and many such like things do ye.
7:14 Ate n'ayita ebibiina, n'abagamba nti Mumpulire mwenna, mutegeere;	7:14 And when he had called all the people unto him, he said unto them, Hearken unto me every one of you, and understand:
7:15 tewali kintu ekiri ebweru w'omuntu bwe kiyingira mu ye, ekiyinda okumwonoona, naye ebintu ebiwa mu muntu, ebyo bye byonoona omuntu.	7:15 There is nothing from without a man, that entering into him can defile him: but the things which come out of him, those are they that defile the man.
7:16 [Buli alina amatu ag'okuwulira, awulire.]	7:16 If any man have ears to hear, let him hear.
7:17 Awo bwe yayingira mu nnyumba ng'avudde mu bibiina, abayigirizwa be ne bamubuuza olugero olwo.	7:17 And when he was entered into the house from the people, his disciples asked him concerning the parable.
7:18 N'abagamba nti Bwe mutyo nammwe temulina magezi? Temutegeera nga kyonna ekiri ebweru bwe kiyingira mu muntu, tekiyinda kumwonoona;	7:18 And he saith unto them, Are ye so without understanding also? Do ye not perceive, that whatsoever thing from without entereth into the man, it cannot defile him;
7:19 kubanga tekiyinda mu mutima gwe; naye mu lubuto lwe, ne kiyita ne kigenda mu kiyigo? Yayogera bw'atyo ng'alongoosa ebiriibwa byonna.	7:19 Because it entereth not into his heart, but into the belly, and goeth out into the draught, purging all meats?
7:20 N'agamba nti Ekiva mu muntu; kye kyonoona omuntu.	7:20 And he said, That which cometh out of the man, that defileth the man.
7:21 Kubanga munda, mu mitima gy'abantu, muvaamu ebirwoozo ebibi, obukaba,	7:21 For from within, out of the heart of men, proceed evil thoughts, adulteries, fornications, murders,

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
7:22 okubba, okutta obwenzi, kwegomba: obubi obukuusa, obuluvu, eriiso ebbi obuvvoozi, amalala, obusiru;	7:22 Thefts, covetousness, wickedness, deceit, lasciviousness, an evil eye, blasphemy, pride, foolishness:
7:23 ebibi ebyo byonna biva munda ne byonoona omuntu:	7:23 All these evil things come from within, and defile the man.
7:24 N'agolokoka, n'avaayo n'agenda ku mbibi ez'e Ttuulo n'e Sidoni. N'ayingira mu nnyumba n'atayagala muntu kutegeera, so n'atayinza kwekisa.	7:24 And from thence he arose, and went into the borders of Tyre and Sidon, and entered into an house, and would have no man know it: but he could not be hid.
7:25 Naye amangu ago omukazi eyalina muwala we eyaliko dayimooni, bwe yamuwulira n'ajja n'afukamira ku bigere bye.	7:25 For a certain woman, whose young daughter had an unclean spirit, heard of him, and came and fell at his feet:
7:26 Omukazi yali Muyonaani eggwanga lye mu Musulofoyiniiki N'amwegayirira okugoba dayimooni ku muwala we.	7:26 The woman was a Greek, a Syrophenician by nation; and she besought him that he would cast forth the devil out of her daughter.
7:27 N'amugamba nti Leka abaana bamale okukkuta kubanga sikirungi okuddira emmere y'abaana okugisuulira embwa.	7:27 But Jesus said unto her, Let the children first be filled: for it is not meet to take the children's bread, and to cast it unto the dogs.
7:28 Naye nti naddamu n'amugamba nti Weewaawo Mukama wange n'embwa ziriira wansi w'emmeza obukunkumuka bw'abaana.	7:28 And she answered and said unto him, Yes, Lord: yet the dogs under the table eat of the children's crumbs.
7:29 N'amugamba nti Olw'ekigambo ekyo, weddireyo; dayimooni avudde ku muwala wo.	7:29 And he said unto her, For this saying go thy way; the devil is gone out of thy daughter.
7:0 N'addayo mu nnyumba ye, n'asanga omuwala ng'agalamizibbwa ku kitanda, ne dayimooni ng'amuvuddeko.	7:30 And when she was come to her house, she found the devil gone out, and her daughter laid upon the bed.
7:31 Ate n'ava mu mbibi ez'e Ttuulo, n'ajja n'ayita mu Sidoni ne wakati mu mbibi ez'e Dekapoli n'atuuka ku nnyanja ey'e Ggaliraaya.	7:31 And again, departing from the coasts of Tyre and Sidon, he came unto the sea of Galilee, through the midst of the coasts of Decapolis.
7:32 Ne bamuleetera omuggavu w'amatu, atayogera, bulungi ne bamwegayirira okumussaako omukono gwe.	7:32 And they bring unto him one that was deaf, and had an impediment in his speech; and they beseech him to put his hand upon him.
7:33 N'amuggya mu kibiina kyama, n'amussa engalo mu matu ge, n'awanda amalusu n'amukoma ku lulimi;	7:33 And he took him aside from the multitude, and put his fingers into his ears, and he spit, and touched his tongue;
7:34 n'atunula waggulu mu ggulu, n'asinda n'amugamba nti Efasa, kwe kugamba nti Zibuka.	7:34 And looking up to heaven, he sighed, and saith unto him, Ephphatha, that is, Be opened.
7:35 Amatu ge ne gazibuka n'enkolo y'olulimi lwe n'esumulukuka n'ayogera bulungi.	7:35 And straightway his ears were opened, and the string of his tongue was loosed, and he spake plain.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
7:36 N'abakuutira baleme okubuularako muntu; naye nga bwe yeeyengera okubakuutira, bwe beeyongera ennyo nnyini okukibunya.	7:36 And he charged them that they should tell no man: but the more he charged them, so much the more a great deal they published it;
7:37 Ne bawuniikirira nnyo nnyini kitalo nga bagamba nti Byonna akoze bulungi: aggula abaggavu b'amatu, era ayogeza abasiru.	7:37 And were beyond measure astonished, saying, He hath done all things well: he maketh both the deaf to hear, and the dumb to speak.
Makko 8	Mark 8
8:1 Awo mu nnaku ezo, ebibiina ba byayinga obungi nate, ne batal na mmere, n'ayita abayigirizwa be n'abagamba nti	8:1 In those days the multitude being very great, and having nothing to eat, Jesus called his disciples unto him, and saith unto them,
8:2 Nsaasira ebibiina, kubanga leero ennaku ssatu nga bali nange, so tebalina mmere;	8:2 I have compassion on the multitude, because they have now been with me three days, and have nothing to eat:
8:3 bwe mbasiibula okuddayo nga basiibye :njala, banaazirikira mu kkubo; n'abamu bava wala.	8:3 And if I send them away fasting to their own houses, they will faint by the way: for divers of them came from far.
8:4 Abayigiriwa be ne bamuddamu nti Omuntu naayinza atya okukkusa, abantu bano emigaati wano mu ddungu?	8:4 And his disciples answered him, From whence can a man satisfy these men with bread here in the wilderness?
8:5 N'ababuuza nti Mulina emigaati meka? Ne bamugamba nti Musanvu.	8:5 And he asked them, How many loaves have ye? And they said, Seven.
8:6 N'alagira ebibiina okutuula wansi: n'addirira emigaati omuanvu, ne yeebaza, n'amenyumamu, n'awa abayigirizwa be, okugissa mu maaso gaabwe; ne bagissa mu maaso g'ekibiina.	8:6 And he commanded the people to sit down on the ground: and he took the seven loaves, and gave thanks, and brake, and gave to his disciples to set before them; and they did set them before the people.
8:7 Era baali balina obw'ennyanya butono: n'abwebaza, n'alagira n'obwo okubussa mu maaso gaabwe.	8:7 And they had a few small fishes: and he blessed, and commanded to set them also before them.
8:8 Ne balya ne bakkuta, e baku**aanya obukunkumuka kwasigalawo ebisero musanvu.	8:8 So they did eat, and were filled: and they took up of the broken meat that was left seven baskets.
8:9 Baali ng'enkumi nnya: n'abasiibula.	8:9 And they that had eaten were about four thousand: and he sent them away.
8:10 Amangu ago n'asaabala mu lyato n'abayigirizwa be, n'ajja ku njuyi ez'e Dalumanusa.	8:10 And straightway he entered into a ship with his disciples, and came into the parts of Dalmanutha.
8:11 Abafalisaayo ne bafulumu ne ajja, ne batanula okumusokaasoka, ga banoonya gy'ali akabonero akava mu ggulu, nga bamukema.	8:11 And the Pharisees came forth, and began to question with him, seeking of him a sign from heaven, tempting him.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
8:12 N'asinda nnyo mu mwoyo gwe, n'agamba nti Ab'Emirembe gino banooyeza ki akabonero? mazima mbagamba nti ab'Emirembe gino tebaweebwa kabonero.	8:12 And he sighed deeply in his spirit, and saith, Why doth this generation seek after a sign? verily I say unto you, There shall no sign be given unto this generation.
8:13 N'abaleka, n'asaabala nate n'agenda emitala w'eri.	8:13 And he left them, and entering into the ship again departed to the other side.
8:14 Awo ne beerabira okutwala emigaati, so tebaali nagyo mu lyato wabula omugaati gumu.	8:14 Now the disciples had forgotten to take bread, neither had they in the ship with them more than one loaf.
8:15 N'aakuutira ng'agamba nti Munywere, mwekuume ekizimbulukusa eky'Aafalisaayo n'ekizimbulukusa kya Kerode.	8:15 And he charged them, saying, Take heed, beware of the leaven of the Pharisees, and of the leaven of Herod.
8:16 Ne beebuuzaganya bokka na bokka, ne bagamba nti Tetulina migaati.	8:16 And they reasoned among themselves, saying, It is because we have no bread.
8:17 Yesu bwe ategeera n'abagamba nti Kiki ekieebuuzaganyisa olw'obutaba na migaati? temunnalaba, so temuteeera? emitima gyammwe mikakayavu?	8:17 And when Jesus knew it, he saith unto them, Why reason ye, because ye have no bread? perceive ye not yet, neither understand? have ye your heart yet hardened?
8:18 Mulina amaaso, temulaba? mulina amatu, temuwulira? temujjukira?	8:18 Having eyes, see ye not? and having ears, hear ye not? and do ye not remember?
8:19 Bwe nnameyera enkumi ettaano emigaati etaano, ebibbo bimeka ebyajjula obukukumuka bye mwaku**aanya? Ne amugamba nti Kkumi na bibiri.	8:19 When I brake the five loaves among five thousand, how many baskets full of fragments took ye up? They say unto him, Twelve.
8:20 Era bwe nnameyera omusanvu enkumi ennya, mwaku**aanya ebisero bimeka ebyajjula obukunkumuka? Ne bamugamba nti Musanvu.	8:20 And when the seven among four thousand, how many baskets full of fragments took ye up? And they said, Seven.
8:21 N'abagamba nti Temunnategeera?	8:21 And he said unto them, How is it that ye do not understand?
8:22 Ne bajja ne batuuka mu Besusayida ne bamuleetera omuzibe w'amaaso, ne bamwegayirira okumukomako.	8:22 And he cometh to Bethsaida; and they bring a blind man unto him, and besought him to touch him.
8:23 N'akwata omuzibe w'amaaso ku mukono, n'amufulumya ebweru w'embuga; awo bwe yawanda amalusu ku maaso ge, n'amussaako engalo, n'amubuuza nti Oliko ky'olaba?	8:23 And he took the blind man by the hand, and led him out of the town; and when he had spit on his eyes, and put his hands upon him, he asked him if he saw ought.
8:24 N'atunula waggulu, n'agamba nti Ndaba abantu, kubanga ndaba bafaanana ng'emiti, nga batambula.	8:24 And he looked up, and said, I see men as trees, walking.
8:25 Ate n'amussa engalo ku maaso ge n'akanula okulaba, n'awona, n'alaba byonna bulungi.	8:25 After that he put his hands again upon his eyes, and made him look up: and he was restored, and saw every man clearly.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
8:26 N'amusindika ewuwe, ng'amugamba nti Toyisingiranga mu mbuga muno.	8:26 And he sent him away to his house, saying, Neither go into the town, nor tell it to any in the town.
8:27 Yesu n'asitula n'agenda n'abayigirizwa be mu mbuga z'e Kayisaliya ekya Firipo. Bwe baatuuka mu kkubo n'abuuzababayigirizwa be, n'abagamba nti Abantu bampita ani?	8:27 And Jesus went out, and his disciples, into the towns of Caesarea Philippi: and by the way he asked his disciples, saying unto them, Whom do men say that I am?
8:28 Ne bamugamba nti Yokaana Omubatiza: n'abalala nti Eriya: naye abalala nti Omu ku bannabbi.	8:28 And they answered, John the Baptist; but some say, Elias; and others, One of the prophets.
8:29 Ye n'ababuuzababayigirizwa be nti Naye mmwe mumpita ani? Peetero n'addamu n'amugamba nti Ggwe Kristo.	8:29 And he saith unto them, But whom say ye that I am? And Peter answereth and saith unto him, Thou art the Christ.
8:30 N'abakomako baleme okubuulirako omuntu ebigambo bye.	8:30 And he charged them that they should tell no man of him.
8:31 N'atanula okubabayigirizwa be nti kimugwanira Omwana w'omuntu okubonyabonyezebwa ebingi, n'okugaanibwa abakadde, ne bakabona abakulu, n'abawandiisi, n'okuttibwa, n'okuyitawo ennaku essatu okuzuukira.	8:31 And he began to teach them, that the Son of man must suffer many things, and be rejected of the elders, and of the chief priests, and scribes, and be killed, and after three days rise again.
8:32 N'ayogera ekigambo ekyo mu lwatu. Peetero n'amutwala, n'atanula okumunneya.	8:32 And he spake that saying openly. And Peter took him, and began to rebuke him.
8:33 Naye n'akyuka, n'alaba ababayigirizwa be, n'anenya Peetero, ng'agamba nti Dda ennyuma wange, Setaani: kubanga tolowooza bya Katonda, wabula eby'abantu.	8:33 But when he had turned about and looked on his disciples, he rebuked Peter, saying, Get thee behind me, Satan: for thou savourest not the things that be of God, but the things that be of men.
8:34 N'ayita ebibiina n'abayigirizwa be, n'abagamba nti Omuntu bw'ayagala okungoberera, yeefiirize yekka, yeetikke omusalaba gwe, angoberere.	8:34 And when he had called the people unto him with his disciples also, he said unto them, Whosoever will come after me, let him deny himself, and take up his cross, and follow me.
8:35 Kubanga buli ayagala okulokola obulamu bwe alibubuza; na buli alibuza obulamu bwe ku lwange n'olw'enjiri alibulokola.	8:35 For whosoever will save his life shall lose it; but whosoever shall lose his life for my sake and the gospel's, the same shall save it.
8:36 Kubanga kimugasa ki omuntu okulya ensi zonna, n'okufiirwa obulamu bwe?	8:36 For what shall it profit a man, if he shall gain the whole world, and lose his own soul?
8:37 Kubanga omuntu yandiwaddeyo ki okununula obulamu bwe?	8:37 Or what shall a man give in exchange for his soul?

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
8:38 Kubanga buli ankwatirwa ensonyi nze n'ebigambo byange mu mirembe gino egy'obwenzi era emibi, n'Omwana w'omuntu alimukwatirwa ensonyi oyo lw'alijjira mu kitiibwa kya Kitaawe ne bamalayika abatukuvu.	8:38 Whosoever therefore shall be ashamed of me and of my words in this adulterous and sinful generation; of him also shall the Son of man be ashamed, when he cometh in the glory of his Father with the holy angels.
Makko 9	Mark 9
9:1 N'abagamba nti Mazima mbagamba nti Ku bano abayimiridde wano waliwo abamu abatalirega ku kufa n'akatono; okutuusa lwe baliraba obwakabaka bwa Katonda nga bujja n'amaanyi.	9:1 And he said unto them, Verily I say unto you, That there be some of them that stand here, which shall not taste of death, till they have seen the kingdom of God come with power.
9:2 Awo ennaku omukaaga bwe zaayitawo Yesu n'atwala Peetero ne Yakobo ne Yokaana, n'agenda nabo ku lusozi oluwanvu bokka mu kyama: n'afuusibwa mu maaso gaabwe.	9:2 And after six days Jesus taketh with him Peter, and James, and John, and leadeth them up into an high mountain apart by themselves: and he was transfigured before them.
9:3 Engoye ze ne zaakaayakana ne zitukula nnyo; so nga tewali mwozi ku nsi ayinza okuzitukuza bw'atyo.	9:3 And his raiment became shining, exceeding white as snow; so as no fuller on earth can white them.
9:4 Awo Eriya ne Musa ne babalabikira; era baali boogera ne Yesu.	9:4 And there appeared unto them Elias with Moses: and they were talking with Jesus.
9:5 Peetero n'addamu, n'agamba Yesu nti Labbi, kye kirungi ffe okubeera wano; kale tusiisire ensiisira ssatu; emu yiyo, n'emu ya Musa, n'emu ya Eriya.	9:5 And Peter answered and said to Jesus, Master, it is good for us to be here: and let us make three tabernacles; one for thee, and one for Moses, and one for Elias.
9:6 Kubanga yali tamanyi ky'anaddamu; kubanga baali batidde nnyo.	9:6 For he wist not what to say; for they were sore afraid.
9:7 Awo ekire ne kijja ne kibasiikiriza; eddoboosi ne lifuluma mu kire nti Ono ye Mwana wange omwagalwa: mumuwulire.	9:7 And there was a cloud that overshadowed them: and a voice came out of the cloud, saying, This is my beloved Son: hear him.
9:8 Bwe baakebuka amangu ago, ne batalaba muntu nate wabula Yesu yekka nabo.	9:8 And suddenly, when they had looked round about, they saw no man any more, save Jesus only with themselves.
9:9 Awo bwe baali bakka ku lusozi, n'abakuutira baleme okubuulirako kuliba kutya?	9:9 And as they came down from the mountain, he charged them that they should tell no man what things they had seen, till the Son of man were risen from the dead.
9:10 Ne bakyekuuma ekigambo ekyo nga beebuuzaganya bokka nti Okuzuukira mu bafu kuliba kutya?	9:10 And they kept that saying with themselves, questioning one with another what the rising from the dead should mean.
9:11 Ne bamubuuza nga bagamba nti Abawandiisi boogera nti kigwana Eriya okusooka okujja.	9:11 And they asked him, saying, Why say the scribes that Elias must first come?

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
9:12 N'abagamba nti Eriya y'asooka okujja, n'alongoosa byonna: era kyawandiikirwa kitya Omwana w'omuntu okubonyaabonyezebwa ebingi n'okunyoomebwa?	9:12 And he answered and told them, Elias verily cometh first, and restoreth all things; and how it is written of the Son of man, that he must suffer many things, and be set at nought.
9:13 Naye mbagamba nti Eriya yamala okujja, era baamukola buli kye baayagala, nga bwe kyamuwandiikirwa.	9:13 But I say unto you, That Elias is indeed come, and they have done unto him whatsoever they listed, as it is written of him.
9:14 Awo bwe baatuuka eri abayigirizwa be, ne balaba ekibiina kinene nga kibeetoolodde, n'abawandiisi nga babasokaasoka.	9:14 And when he came to his disciples, he saw a great multitude about them, and the scribes questioning with them.
9:15 Amangu ago ekibiina kyonna bwe kyamulaba, ne beewuunya nnyo, ne baddukana gy'ali ne bamulamusa.	9:15 And straightway all the people, when they beheld him, were greatly amazed, and running to him saluted him.
9:16 N'ababuza nti Mubasokaasoka lwaki?	9:16 And he asked the scribes, What question ye with them?
9:17 Omu mu kibiina n'amuddamu nti Omuyigiriza, nkuleetedde omwana wange, aliko dayimooni atayogera;	9:17 And one of the multitude answered and said, Master, I have brought unto thee my son, which hath a dumb spirit;
9:18 buli gy'amutwala, amukuba ebigwo; abimba ejjovu, aluma amannyo, akonvuba: nnambye abayigirizwa bo bamugobe; ne batayinza.	9:18 And wheresoever he taketh him, he teareth him: and he foameth, and gnasheth with his teeth, and pineth away: and I spake to thy disciples that they should cast him out; and they could not.
9:19 N'abaddamu, n'agamba nti Mmwe ab'emirembe egitakiriza, ndituusa wa okubeera nammwe? ndituusa wa okubagumiikiriza? mumundeetere.	9:19 He answereth him, and saith, O faithless generation, how long shall I be with you? how long shall I suffer you? bring him unto me.
9:20 Ne bamuleeta gy'ali: awo bwe yamulaba, amangu ago dayimooni n'amutaagulataagula nnyo; n'agwa wansi, ne yeekulungula, ng'abimba ejjovu.	9:20 And they brought him unto him: and when he saw him, straightway the spirit tare him; and he fell on the ground, and wallowed foaming.
9:21 N'abuza kitaawe nti Obulwadde buno kasookedde bumukwata bbanga ki? N'agamba nti Bwa mu buto	9:21 And he asked his father, How long is it ago since this came unto him? And he said, Of a child.
9:22 Emirundi mingi ng'amusuula mu muliro ne mu mazzi okumutta: naye oba ng'oyinza, tusaasire, otubeere.	9:22 And ofttimes it hath cast him into the fire, and into the waters, to destroy him: but if thou canst do any thing, have compassion on us, and help us.
9:23 Yesu n'amugamba nti Oba ng'oyinza! byonna biyinzika eri akkiriza.	9:23 Jesus said unto him, If thou canst believe, all things are possible to him that believeth.
9:24 Amangu ago kitaawe w'omwana n'ayogerera waggulu, n'agamba nti Nzikirizza: saasira obutakiriza bwange.	9:24 And straightway the father of the child cried out, and said with tears, Lord, I believe; help thou mine unbelief.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
9:25 Awo Yesu bwe yalaba ng'ekibiina kiku**aana mbiro, n'aboggolera dayimooni, n'amugamba nti Ggwe dayimooni atayogera, era omuggavu w'amatu, nze nkulagira, muveeko, tomuddiz'anga nate n'akatono.	9:25 When Jesus saw that the people came running together, he rebuked the foul spirit, saying unto him, Thou dumb and deaf spirit, I charge thee, come out of him, and enter no more into him.
9:26 Awo n'akaaba, n'amutaagula nnyo, n'amuvaako; n'afaanana ng'afudde; n'okugamba abalala bangi ne bagamba nti Afudde.	9:26 And the spirit cried, and rent him sore, and came out of him: and he was as one dead; insomuch that many said, He is dead.
9:27 Naye Yesu n'amukwata ku mukono, n'amuyimusa; n'ayimirira.	9:27 But Jesus took him by the hand, and lifted him up; and he arose.
9:28 Awo bwe yayingira mu nnyumba, abayigirizwa be ne bamubuuza mu kyama nti Ffe tetwayinzizza kumugoba.	9:28 And when he was come into the house, his disciples asked him privately, Why could not we cast him out?
9:29 N'abagamba nti Engeri eno teyinzika kuvaako lwa kigambo wabula olw'okusaba.	9:29 And he said unto them, This kind can come forth by nothing, but by prayer and fasting.
9:30 Ne bavaayo, ne bayita mu Ggaliraaya, n'atayagala muntu yenna kutegeera.	9:30 And they departed thence, and passed through Galilee; and he would not that any man should know it.
9:31 Kubanga yayigiriza abayigirizwa be n'abagamba nti Omwana w'omuntu aweebwayo mu mikono gy'abantu, balimutta; kale bw'alimala okuttibwa, era waliyita ennaku ssatu n'azuukira.	9:31 For he taught his disciples, and said unto them, The Son of man is delivered into the hands of men, and they shall kill him; and after that he is killed, he shall rise the third day.
9:32 Naye tebaategeera kigamba ekyo, ne batya okumubuuza.	9:32 But they understood not that saying, and were afraid to ask him.
9:33 Ne batuuka e Kaperunawumu: awo bwe yali ng'ali mu nnyumba n'ababuuza nti Mubadde muwakana ki mu kkubo?	9:33 And he came to Capernaum: and being in the house he asked them, What was it that ye disputed among yourselves by the way?
9:34 Naye ne basirika: kubanga baali bawakana bokka na bokka mu kkubo nti ani omukulu.	9:34 But they held their peace: for by the way they had disputed among themselves, who should be the greatest.
9:35 N'atuula, n'ayita ekkumi n'ababiri, n'abagamba nti Omuntu bw'ayagala okuba ow'oluberebereye, anaabanga ku nkomerero ya bonna, era muweereza wa bonna.	9:35 And he sat down, and called the twelve, and saith unto them, If any man desire to be first, the same shall be last of all, and servant of all.
9:36 N'addirira omwana omuto, n'amuyimiriza wakati mu bo: awo n'amuwambaatira n'abagamba nti	9:36 And he took a child, and set him in the midst of them: and when he had taken him in his arms, he said unto them,
9:37 Buli anakkirizanga omu ku baana abato abali**anga ono, mu linnya lyange, ng'akkirizza nze: na buli muntu yenna anzikiriza nze, takkiriza nze, wabula oli eyantuma.	9:37 Whosoever shall receive one of such children in my name, receiveth me: and whosoever shall receive me, receiveth not me, but him that sent me.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
9:38 Awo Yokaana n'amugamba nti Omuyigiriza, twalaba omuntu ng'agoba dayimooni mu linnya lyo; ne tumugaana, kubanga teyayita naffe.	9:38 And John answered him, saying, Master, we saw one casting out devils in thy name, and he followeth not us: and we forbad him, because he followeth not us.
9:39 Naye Yesu n'agamba nti Temumugaananga: kubanga tewali muntu anaakolanga eky'amagero mu linnya lyange ate amangu ago n'anvuma.	9:39 But Jesus said, Forbid him not: for there is no man which shall do a miracle in my name, that can lightly speak evil of me.
9:40 Kubanga atali mulabe waffe ng'ali ku lwaffe.	9:40 For he that is not against us is on our part.
9:41 Kubanga buli muntu anaabanywesanga mmwe ekikompe ky'amazzi kubanga muli ba Kristo, mazima mbagamba nti talibulwa mpeera ye n'akatono.	9:41 For whosoever shall give you a cup of water to drink in my name, because ye belong to Christ, verily I say unto you, he shall not lose his reward.
9:42 Na buli muntu aneesittazanga omu ku abo abato abanzikiriza, waakiri oyo okusibibwa olubengo olunene mu bulago bwe asuulibwe mu nnyanja.	9:42 And whosoever shall offend one of these little ones that believe in me, it is better for him that a millstone were hanged about his neck, and he were cast into the sea.
9:43 Omukono gwo bwe gukwesittazanga, ogutemangako; waakiri ggwe okuyingira mu bulamu, ng'obuliddwako ekitundu, okusinga okugenda mu Ggeyeena ng'olina mikono gyombi, mu muliro ogutasikira;	9:43 And if thy hand offend thee, cut it off: it is better for thee to enter into life maimed, than having two hands to go into hell, into the fire that never shall be quenched:
9:44 envunyu yaabwe gye tefiira so n'omuliro teguzikira.	9:44 Where their worm dieth not, and the fire is not quenched.
9:45 N'okugulu kwo bwe kukwesittamnga, okutemangako: waakiri ggwe okuyingira mu bulamu ng'obuliddwako okugulu, okusinga okusuulibwa mu Ggeyeena, ng'olina amagulu gombi;	9:45 And if thy foot offend thee, cut it off: it is better for thee to enter halt into life, than having two feet to be cast into hell, into the fire that never shall be quenched:
9:46 envunyu yaabwe gye tefiira so n'omuliro teguzikira.	9:46 Where their worm dieth not, and the fire is not quenched.
9:47 N'eriiso lyo bwe likwesittazanga, oliggyangamu; waakiri ggwe okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda ng'oli wa ttulu, okusinga okusuulibwa mu Ggeyeena, ng'olina amaaso gombi;	9:47 And if thine eye offend thee, pluck it out: it is better for thee to enter into the kingdom of God with one eye, than having two eyes to be cast into hell fire:
9:48 envunyu yaabwe gye tefiira, so n'omuliro teguzikira.	9:48 Where their worm dieth not, and the fire is not quenched.
9:49 Kubanga buli muntu alirungibwamu omuliro.	9:49 For every one shall be salted with fire, and every sacrifice shall be salted with salt.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
9:50 Omunnyo mulungi: naye omunnyo bwe guggwaamu ensa mulizzaamu ki? Mmwe mubeere n'omunnyo munda wammwe, mutabagane mwekka na mwekka.	9:50 Salt is good: but if the salt have lost his saltness, wherewith will ye season it? Have salt in yourselves, and have peace one with another.
Makko 10	Mark 10
10:1 Awo n'agolokoka n'avaayo, n'ajja mu mbibi ez'e Buyudaaya n'emitala wa Yoludaani: ebibiina bingi ne biku**aanira w'ali nate; nga bwe yayisanga n'abayigiriza nate.	10:1 And he arose from thence, and cometh into the coasts of Judaea by the farther side of Jordan: and the people resort unto him again; and, as he was wont, he taught them again.
10:2 Awo Abafalisaayo ne bajja gy'ali, ne bamubuuza nti Kirungi omuntu okugobanga mukazi we? nga bamukema.	10:2 And the Pharisees came to him, and asked him, Is it lawful for a man to put away his wife? tempting him.
10:3 Naye n'addamu n'abagamba nti Musa yabalagira atya?	10:3 And he answered and said unto them, What did Moses command you?
10:4 Ne bagamba nti Musa yakkiriza okuwandiikanga ebbaluwa ey'okugoba; alyoke agobebwenga.	10:4 And they said, Moses suffered to write a bill of divorcement, and to put her away.
10:5 Naye Yesu n'abagamba nti Olw'obukakanyavu bw'emitema gyammwe kyeyava abawandiikira etteeka lino.	10:5 And Jesus answered and said unto them, For the hardness of your heart he wrote you this precept.
10:6 Naye okuva ku lubereberye lw'okutoada, yabatonda omusajja n'omukazi.	10:6 But from the beginning of the creation God made them male and female.
10:7 Omuntu kyanaavanga aleka kitame ne nnyina ne yeegatta ne mukazi we;	10:7 For this cause shall a man leave his father and mother, and cleave to his wife;
10:8 nabo bombi banaabanga omubiri gumu: kale nga tebakyali babiri nate, wabula omubiri gumu.	10:8 And they twain shall be one flesh: so then they are no more twain, but one flesh.
10:9 Kale Katonda kye yagatta awamu, omuntu takyawukanyanga.	10:9 What therefore God hath joined together, let not man put asunder.
10:10 Awo ate mu nnyumba abayigirizwa ne bamubuuza ekigambo ekyo.	10:10 And in the house his disciples asked him again of the same matter.
10:11 N'abagamba nti Buli muatu yenna anaagobanga mukazi we, n'awasa omulala, ng'ayenze okumusobya;	10:11 And he saith unto them, Whosoever shall put away his wife, and marry another, committeth adultery against her.
10:12 naye yennyini bw'anaanobanga ewa bba, n'afumbirwa omulala, ng'ayenze.	10:12 And if a woman shall put away her husband, and be married to another, she committeth adultery.
10:13 Awo ne bamuleetera abaana abato, okubakomako: abayigirizwa be ne bajunga abaabaleeta.	10:13 And they brought young children to him, that he should touch them: and his disciples rebuked those that brought them.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
10:14 Naye Yesu bwe yalaba n'asunguwala, n'abagamba nti Mukkirize abaana abato bajje gye ndi; so temubagaana; kubanga abafaanana nga bano obwakabaka bwa Katonda bwe bwabwe:	10:14 But when Jesus saw it, he was much displeased, and said unto them, Suffer the little children to come unto me, and forbid them not: for of such is the kingdom of God.
10:15 Mazima mbagamba nti Buli atakkirizenga bwakabaka bwa Katonda ng'omwana omuto, talibuyingiramu n'akatono.	10:15 Verily I say unto you, Whosoever shall not receive the kingdom of God as a little child, he shall not enter therein.
10:16 N'abawambaatira, n'abawa omukisa, ng'abassaako emikono.	10:16 And he took them up in his arms, put his hands upon them, and blessed them.
10:17 Bwe yali ng'agenda mu kkubo, omu n'ajja gy'ali ng'addukana, n'amufukaamirira, n'amubuuza nti Omuyigiriza omulungi, naakola ntya okusikira obulamu obutaggwaawo? Yesu n'amugamba nti Ompitira ki omulungi? tewali mulungi wabula omu, ye Katonda.	10:17 And when he was gone forth into the way, there came one running, and kneeled to him, and asked him, Good Master, what shall I do that I may inherit eternal life?
10:18 Yesu n'amugamba nti Ompitira ki omulungi? tewali mulungi wabula omu, ye Katonda.	10:18 And Jesus said unto him, Why callest thou me good? there is none good but one, that is, God.
10:19 Omanyi amateeka, Tottanga, Toyendanga, Tobbanga, Towaayirizanga, Tolyazaamaayanga Ossangamu ekitiibwa kitaawo ne nnyoko.	10:19 Thou knowest the commandments, Do not commit adultery, Do not kill, Do not steal, Do not bear false witness, Defraud not, Honour thy father and mother.
10:20 N'amugamba nti Omuyigiriza, ebyo byonna nnabikwata okuva mu buto bwange.	10:20 And he answered and said unto him, Master, all these have I observed from my youth.
10:21 Yesu bwe yamutunuulira n'amwagala, n'amugamba nti Oweebuuseeko ekigambo kimu: genda otunde byonna by'oli nabyo, ogabire abaavu, naawe oliba n'obugagga mu ggulu: olyoke ojje ongoberere.	10:21 Then Jesus beholding him loved him, and said unto him, One thing thou lackest: go thy way, sell whatsoever thou hast, and give to the poor, and thou shalt have treasure in heaven: and come, take up the cross, and follow me.
10:22 Naye n'atokooterera olw'ekigambo ekyo, n'agenda ng'anakuwadde; kubanga yali alina ebintu bingi.	10:22 And he was sad at that saying, and went away grieved: for he had great possessions.
10:23 Awo Yesu ne yeetoolooza amaaso, n'agamba abayigirizwa be nti Nga kizibu abagagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda	10:23 And Jesus looked round about, and saith unto his disciples, How hardly shall they that have riches enter into the kingdom of God!
10:24 Abayigirizwa ne beewuunya ebigambo bye. Naye Yesu n'addamu nate, n'abagamba nti Abaana, nga kizibu abo abeesiga obugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda!	10:24 And the disciples were astonished at his words. But Jesus answereth again, and saith unto them, Children, how hard is it for them that trust in riches to enter into the kingdom of God!

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
10:25 Kye kyangu e**amira okuyita mu nnyindo y'empiso, okukira omugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.	10:25 It is easier for a camel to go through the eye of a needle, than for a rich man to enter into the kingdom of God.
10:26 Ne bawuniikirira nnyo, ne bamugamba nti Kale ani ayinza okulokoka?	10:26 And they were astonished out of measure, saying among themselves, Who then can be saved?
10:27 Awo Yesu n'abatunuulira n'agamba nti Mu bantu tekiyinzika, naye si bwe kityo eri Katonda; kubanga byonna biyinzika eri Katonda.	10:27 And Jesus looking upon them saith, With men it is impossible, but not with God: for with God all things are possible.
10:28 Awo Peetero n'atanula okumugamba nti Laba, ffe twaleka byonna, ne tukugoberera.	10:28 Then Peter began to say unto him, Lo, we have left all, and have followed thee.
10:29 Yesu n'agamba nti Mazima mbagamba nti Tewali eyaleka ennyumba, oba ab'oluganda, oba bannyina, oba miyina, oba kitaawe, oba abaana, oba ebyalo, ku lwange n'olw'enjiri,	10:29 And Jesus answered and said, Verily I say unto you, There is no man that hath left house, or brethren, or sisters, or father, or mother, or wife, or children, or lands, for my sake, and the gospel's,
10:30 ataliweebwa emirundi kikumi mu biro bino ebya kaakano, ennyumba, n'ab'oluganda, ne bannyina ne bannyaabwe, n'abaana, n'ebyalo, n'okuyigganyizibwa; ne mu mirembe egigenda okujja obulamu obutaggwaawo.	10:30 But he shall receive an hundredfold now in this time, houses, and brethren, and sisters, and mothers, and children, and lands, with persecutions; and in the world to come eternal life.
10:31 Naye bangi ab'olubereberye abaliba ab'oluvannyuma; n'ab'oluvannyuma abaliba ab'olubereberye.	10:31 But many that are first shall be last; and the last first.
10:32 Baali mu kkubo nga bambuka e Yerusaalemi; ne Yesu yali ng'abakulembede, ne beewuunya, na bali abaagoberera ne batya: Awo nate n'atwala ekkumi n'ababiri, n'atanula okubabuulira ebigambo ebigenda okumubaako, nti	10:32 And they were in the way going up to Jerusalem; and Jesus went before them: and they were amazed; and as they followed, they were afraid. And he took again the twelve, and began to tell them what things should happen unto him,
10:33 Laba, twambuka e Yerusaalemi; Omwana w'omuntu aliweebwayo eri bakabona abakulu n'abawandiisi; balimusalira omusango okumutta, balimuwaayo eri ab'amawanga:	10:33 Saying, Behold, we go up to Jerusalem; and the Son of man shall be delivered unto the chief priests, and unto the scribes; and they shall condemn him to death, and shall deliver him to the Gentiles:
10:34 balimuduulira, balimuwandira amalusu, balimukuba, balimutta; bwe waliyitawo ennaku essatu alizuukira.	10:34 And they shall mock him, and shall scourge him, and shall spit upon him, and shall kill him: and the third day he shall rise again.
10:35 Awo Yakobo ne Yokaana, abaana ba Zebbedaayo, ne basembera w'ali, ne bamugamba nti Omuyigiriza, twagala otukolere kyonna kyonna kye tunaakusaba.	10:35 And James and John, the sons of Zebedee, come unto him, saying, Master, we would that thou shouldest do for us whatsoever we shall desire.
10:36 N'abagamba nti Mwangala mbakolere ki?	10:36 And he said unto them, What would ye that I should do for you?

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
10:37 Ne bamugamba nti Tuwe tutuule, omu ku mukono gwo ogwa ddyo, n'omulala ku mukono gwo ogwa kkono, mu kitiibwa kyo.	10:37 They said unto him, Grant unto us that we may sit, one on thy right hand, and the other on thy left hand, in thy glory.
10:38 Naye Yesu n'abagamba nti Temumanyi kye musaba. Muyinza okunywa ku kikompe kye nnywako nze? oba okubatizibwa n'okubatiza kwe mbatizibwa,mu nze?	10:38 But Jesus said unto them, Ye know not what ye ask: can ye drink of the cup that I drink of? and be baptized with the baptism that I am baptized with?
10:39 Ne bamugamba nti Tuyinza. Yesu n'abagamba nti Ekikompe nze kye nnywako mulinywako; n'okubatiza kwe mbatizibwamu nze mulibatizibwa;	10:39 And they said unto him, We can. And Jesus said unto them, Ye shall indeed drink of the cup that I drink of; and with the baptism that I am baptized withal shall ye be baptized:
10:40 naye okutuula ku mukono gwange ogwa ddyo oba ku gwa kkono, si nze nkugaba, naye kw'abo be kwategekerwa.	10:40 But to sit on my right hand and on my left hand is not mine to give; but it shall be given to them for whom it is prepared.
10:41 Awo ekkumi bwe baawulira, ne batanula okusunguwalira Yakobo ne Yokaana.	10:41 And when the ten heard it, they began to be much displeased with James and John.
10:42 Yesu n'abayita, n'abagamba nti Mumanyi ng'abo abaalowoozebwa okufuga ab'amawanga babafuza amaanyi; n'abakulu baabwe babatwala lwa mpaka.	10:42 But Jesus called them to him, and saith unto them, Ye know that they which are accounted to rule over the Gentiles exercise lordship over them; and their great ones exercise authority upon them.
10:43 Naye mu mmwe tekiri bwe kityo: naye buli ayagala okubeera omukulu mu mmwe anaabanga muweereza wammwe;	10:43 But so shall it not be among you: but whosoever will be great among you, shall be your minister:
10:44 na buli ayagala okuba ow'olubereberye mu mmwe anaabanga muddu wa bonna.	10:44 And whosoever of you will be the chiefest, shall be servant of all.
10:45 Kubanga mazima Omwana w'omuntu teyajja kuweerezebwa, wabula okuweereza, n'okuwaayo obulamu bwe okununula abangi.	10:45 For even the Son of man came not to be ministered unto, but to minister, and to give his life a ransom for many.
10:46 Awo ne batuuka e Yeriko: bwe yava mu Yeriko n'abayigirizwa be, n'ekibiina kinene, omwana wa Timaayo, Batiimaayo, omusabi omuzibe w'amaaso, yali atudde ku mabbali g'ekkubo.	10:46 And they came to Jericho: and as he went out of Jericho with his disciples and a great number of people, blind Bartimaeus, the son of Timaeus, sat by the highway side begging.
10:47 Awo bwe yawulira nga Yesu Omunazaaleesi ye wuuyo, n'atanula okwogerera waggulu n'okugamba nti Omwana wa Dawudi, Yesu, onsaasire.	10:47 And when he heard that it was Jesus of Nazareth, he began to cry out, and say, Jesus, thou son of David, have mercy on me.
10:48 Bangi ne bamuboggolera okusirika: naye ne yeeyongerera nnyo okwogerera waggulu nti Omwana wa Dawudi, onsaasire:	10:48 And many charged him that he should hold his peace: but he cried the more a great deal, Thou son of David, have mercy on me.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
10:49 Awo Yesu n'ayimirira n'agamba nti Mumuyite. Ne bayita omuaibe w'amaaso, ne bamugamba nti Guma omwoyo; golokoka, akuyita.	10:49 And Jesus stood still, and commanded him to be called. And they call the blind man, saying unto him, Be of good comfort, rise; he calleth thee.
10:50 Naye n'asuula olugoye lwe, n'asituka, n'ajja eri Yesu.	10:50 And he, casting away his garment, rose, and came to Jesus.
10:51 Yesu n'amuddamu, n'agamba nti Oyangala nkukole ntya? Omuzibe w'amaaso n'amugamba nti Labooni, njagala nzibule.	10:51 And Jesus answered and said unto him, What wilt thou that I should do unto thee? The blind man said unto him, Lord, that I might receive my sight.
10:52 Awo Yesu n'amugamba nti Genda; okukkiriza kwo kukuwonyezza. Amangu ago n'azibula, n'amugoberera mu kkubo.	10:52 And Jesus said unto him, Go thy way; thy faith hath made thee whole. And immediately he received his sight, and followed Jesus in the way.
Makko 11	Mark 11
11:1 Awo bwe baali banaatera okutuuka e Yerusaalemi nga batuuse e Besufaage n'e Bessaniya, ku lusozi olwa Zeyituuni, n'atuma ku bayigirizwa be babiri,	11:1 And when they came nigh to Jerusalem, unto Bethphage and Bethany, at the mount of Olives, he sendeth forth two of his disciples,
11:2 n'abagamba nti Mugende mu mbuga ebali mu maaso: amangu ago bwe munaayingira omwo, munaalaba omwana gw'endogoyi ogusibiddwa, oguteebagalwangako muntu n'akatono; muguyimbule, muguleete.	11:2 And saith unto them, Go your way into the village over against you: and as soon as ye be entered into it, ye shall find a colt tied, whereon never man sat; loose him, and bring him.
11:3 Omuntu bw'abagamba nti Mukola ki ekyo? mugamba nti Mukama waffe ye agwetaaga; amangu ago anaaguweereza eno.	11:3 And if any man say unto you, Why do ye this? say ye that the Lord hath need of him; and straightway he will send him hither.
11:4 Ne bagenda, ne basanga omwana gw'endogoyi nga gusibiddwa ku mulyango ebweru mu luguudo; ne baguyimbula.	11:4 And they went their way, and found the colt tied by the door without in a place where two ways met; and they loose him.
11:5 Abamu ku ab abaali bayimirikide awo ne baba gamba nti Mukola ki okuyimbula omwana gw'endogoyi?	11:5 And certain of them that stood there said unto them, What do ye, loosing the colt?
11:6 Ne babagamba nga Yesu bwe yabagamba ne babaleka.	11:6 And they said unto them even as Jesus had commanded: and they let them go.
11:7 Ne baleeta omwana gw'endogoyi eri Yesu, ne bagusuulako engoye zaabwe; n'agwebagala	11:7 And they brought the colt to Jesus, and cast their garments on him; and he sat upon him.
11:8 Bangi ne baaliira engoye zaabwe mu kkubo; abalala ne baaliira amalagala g'emiti, ge baatema mu nnimiro.	11:8 And many spread their garments in the way: and others cut down branches off the trees, and strawed them in the way.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
11:9 Abaali bakulembedde n'abaali bava ennyuma ne boogerera waggulu nti Ozaana; Aweereddwa omukisa ajja mu linnya lya Mukama:	11:9 And they that went before, and they that followed, cried, saying, Hosanna; Blessed is he that cometh in the name of the Lord:
11:10 Buweereddwa omu kisa obwakabaka obujja, obwajjajja ffe Dawudi: Ozaana waggul ennyo.	11:10 Blessed be the kingdom of our father David, that cometh in the name of the Lord: Hosanna in the highest.
11:11 N'atuuka ku Yerusaalemi n'ayingira mu yeekaalu; bwe yamala okwetoolooza amaaso okulaba byonna, obudde bwali nga buwungeera, n'afuluma n'agenda Bessaniya n'ekkumi n'ababiri.	11:11 And Jesus entered into Jerusalem, and into the temple: and when he had looked round about upon all things, and now the eventide was come, he went out unto Bethany with the twelve.
11:12 Awo bwe bwakya enkya, bwe baali bavudde mu Bessaniya n'alumwa enjala.	11:12 And on the morrow, when they were come from Bethany, he was hungry:
11:13 Awo bwe yalengera omutiini oguliko amalagala n'agutuukako, era wozzi alabeko ekintu: awo bwe yagutuukako, n'ata labako kintu wabula amalagala kubanga si bye byali ebiro by'ettiini.	11:13 And seeing a fig tree afar off having leaves, he came, if haply he might find any thing thereon: and when he came to it, he found nothing but leaves; for the time of figs was not yet.
11:14 N'addamu n'agugamba nti Okusooka leero okutuusa emirembe n'emirembe omuntu talyanga ku bibala byo. Abayigirizwa be ne bawulira.	11:14 And Jesus answered and said unto it, No man eat fruit of thee hereafter for ever. And his disciples heard it.
11:15 Awo ne batuuka e Yerusaalemi, n'ayingira mu yeekaalu n'asooka okugoba abaali batunda n'abagulira mu yeekaalu, n'avuunika emmeeza ez'abawaanyisa effeeza, n'entebe z'abo abaali batunda amayiba;	11:15 And they come to Jerusalem: and Jesus went into the temple, and began to cast out them that sold and bought in the temple, and overthrew the tables of the moneychangers, and the seats of them that sold doves;
11:16 n'ataganya muntu oku yisa ekibya mu yeekaalu.	11:16 And would not suffer that any man should carry any vessel through the temple.
11:17 N'ayigiriza, n'abagamba nti Tekyawandiikibwa nti Ennyumba yange eneeyitibwanga nnyumba ya kusabiranga mu amawanga gonna? naye mmwe mugifudde mpuku ya banyazi.	11:17 And he taught, saying unto them, Is it not written, My house shall be called of all nations the house of prayer? but ye have made it a den of thieves.
11:18 Bakabona abakulu n'abawandiisi bwe baakiwulira, ne basala amagezi bwe banaamutta: kubanga baamutya kubanga ebibiina byonna baawuniikirira olw'okuyigiriza kwe.	11:18 And the scribes and chief priests heard it, and sought how they might destroy him: for they feared him, because all the people was astonished at his doctrine.
11:19 Awo buli kawungeezi yafulumanga mu kibuga.	11:19 And when even was come, he went out of the city.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
11:20 Awo bwe bwakya enkya bwe baali nga bayita, ne balaba omutiini ga guvudde ku kikolo okukala.	11:20 And in the morning, as they passed by, they saw the fig tree dried up from the roots.
11:21 Peetero bwe yajjukira n'amugaiba nti Labbi, laba, omutiini gwe wakolimira gukaze.	11:21 And Peter calling to remembrance saith unto him, Master, behold, the fig tree which thou cursedst is withered away.
11:22 Yesu n'addamu n'abagamba nti Mube n'okukkiriza mu Katonda.	11:22 And Jesus answering saith unto them, Have faith in God.
11:23 Mazima mbagamba nti Buli aligamba olusozi luno nti Sigulibwa; osuulibwe mu nnyanja; nga tabuusabuusa mu mutima gwe naye ng'akkiza nga kyayogera kikolebwa, alikiweebwa.	11:23 For verily I say unto you, That whosoever shall say unto this mountain, Be thou removed, and be thou cast into the sea; and shall not doubt in his heart, but shall believe that those things which he saith shall come to pass; he shall have whatsoever he saith.
11:24 Kyenva mbagamba nti Ebigambo byonna byonna bye musaba n'okwegayirira, mukkirize ga mubiweereddwa, era mulibifuna.	11:24 Therefore I say unto you, What things soever ye desire, when ye pray, believe that ye receive them, and ye shall have them.
11:25 Awo bwe munaayimiranga nga musaba, musonyiwenga, bwe mubanga n'ekigambo ku muntu; ne Kitammwe ali mu ggulu abasonyiwe ebyonoono byammwe.	11:25 And when ye stand praying, forgive, if ye have ought against any: that your Father also which is in heaven may forgive you your trespasses.
11:26 Naye bwe mutasonyiwa, era ne Kitammwe ali mu ggulu talisonyiwa byonoono byammwe.	11:26 But if ye do not forgive, neither will your Father which is in heaven forgive your trespasses.
11:27 Ate ne batuuka e Yersaalemi; awo bwe yali ng'atambula mu yeekaalu, ne bajja w'ali bakabona abakulu n'abawandiisi n'abakadde;	11:27 And they come again to Jerusalem: and as he was walking in the temple, there come to him the chief priests, and the scribes, and the elders,
11:28 ne bamugamba nti Buyinza ki obukukoza bino? Oba ani eyakuwa obuyinza buno okukola bino?	11:28 And say unto him, By what authority doest thou these things? and who gave thee this authority to do these things?
11:29 Awo Yesu n'abagamba nti Naye kambabuuze mmwe ekigambo kimu, munziremu, nange nnaabuulira mmwe obuyinza bwe obunkoza bino.	11:29 And Jesus answered and said unto them, I will also ask of you one question, and answer me, and I will tell you by what authority I do these things.
11:30 Okubatiza kwa Yokaana kwava mu ggulu, nantiki mu bantu? munziremu.	11:30 The baptism of John, was it from heaven, or of men? answer me.
11:31 Ne beebuuzaganya bokka na bokka nga bagamba nti Bwe tunaamba nti Kwava mu ggulu; anagamba nti Kale kiki ekyabalobera mukkiriza?	11:31 And they reasoned with themselves, saying, If we shall say, From heaven; he will say, Why then did ye not believe him?

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
11:32 Naye bwe tunagamba nti Kwava mu bantu baatya abantu; kubanga bonna baalowooza mazima Yokaana okuba nnabbi.	11:32 But if we shall say, Of men; they feared the people: for all men counted John, that he was a prophet indeed.
11:33 Ne baddamu Yesu, bamugamba nti Tetumanyi. Yesu n'abagamba nti Era nange siibabuulire obuyinza bwe buli obunkoza bino.	11:33 And they answered and said unto Jesus, We cannot tell. And Jesus answering saith unto them, Neither do I tell you by what authority I do these things.
Makko 12	Mark 12
12:1 N'atanula okwogerera nabo mu ngero. Omuntu yasimba olusuku lw'emizabbibu, n'alusitako olukomera, n'asimamu essogolero, n'azimbamu ekigo, n'alupangisaamu abalimi, n'atambula mu nsi endala.	12:1 And he began to speak unto them by parables. A certain man planted a vineyard, and set an hedge about it, and digged a place for the winefat, and built a tower, and let it out to husbandmen, and went into a far country.
12:2 Awo omwaka bwe gwatuuka n'atuma omuddu eri abalimi, abalimi bamuwe ebibala by'emizabbibu gye.	12:2 And at the season he sent to the husbandmen a servant, that he might receive from the husbandmen of the fruit of the vineyard.
12:3 Ne bamukwata, ne bamukuba, n'addayo ngalonsa.	12:3 And they caught him, and beat him, and sent him away empty.
12:4 Ate n'abatumira omuddu omulala, oyo ne bamwasa olubale, ne bamuswaza.	12:4 And again he sent unto them another servant; and at him they cast stones, and wounded him in the head, and sent him away shamefully handled.
12:5 N'atuma omulala; oyo ne bamutta: n'abalala bangi; abamu nga babakuba, abalala nga babatta.	12:5 And again he sent another; and him they killed, and many others; beating some, and killing some.
12:6 Yali ng'aliaa omu, omwana omwagalwa: oluvannyuma n'amutuma gye baali, ng'agamba nti Banassaamu ekitiibwa omwana wange.	12:6 Having yet therefore one son, his wellbeloved, he sent him also last unto them, saying, They will reverence my son.
12:7 Naye abalimi bali ne bagambagana bokka na bokka nti Ono ye musika, kale tumutte, n'obusika buliba bwaffe.	12:7 But those husbandmen said among themselves, This is the heir; come, let us kill him, and the inheritance shall be ours.'
12:8 Ne bamukwata, ne bamutta, ne bamusuula ebweru w'olusuku lw'emizabbibu.	12:8 And they took him, and killed him, and cast him out of the vineyard.
12:9 Kale alibakola atya nannyini lusuku lw'emizabbibu? Alijja alizikiriza abalimi, n'olusuku lw'emizabbibu aliruwa balala.	12:9 What shall therefore the lord of the vineyard do? he will come and destroy the husbandmen, and will give the vineyard unto others.
12:10 Temusomanga n'akatono ekyo ekyawandiikibwa nti Ejjinja abazimbi lye baagaana, Eryo lyafuulibwa omutwe ogw'oku nsonda:	12:10 And have ye not read this scripture; The stone which the builders rejected is become the head of the corner:
12:11 Ekyo kyava eri Mukama, Era kya kitalo mu maaso gaffe?	12:11 This was the Lord's doing, and it is marvellous in our eyes?

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
12:12 Ne basala amagezi okumukwata; ne batya ebibiina: kubanga baategeera ag'ageredde ku bo olugero olwo: ne bamuleka, ne bagenda,	12:12 And they sought to lay hold on him, but feared the people: for they knew that he had spoken the parable against them: and they left him, and went their way.
12:13 Ne batuma gy'ali ab'omu Bafalisaayo n'Abakerodiyaani okumutega mu bigambo,	12:13 And they send unto him certain of the Pharisees and of the Herodians, to catch him in his words.
12:14 Awo bwe bajja, ne bamugamba nti Omuyigiriza, tumanyi ggwe ag'oli wa taazima, so ebigambo by'omuatu yenna tobissaako mwoyo: kubanga tososola mu bantu, naye oyigiriza ekkubo lya Katonda mu mazima: kale kirungi okuwanga Kayisaali omusolo, nautiki si weewaawo?	12:14 And when they were come, they say unto him, Master, we know that thou art true, and carest for no man: for thou regardest not the person of men, but teachest the way of God in truth: Is it lawful to give tribute to Caesar, or not?
12:15 Tuwengayo, oba tetuwangayo? Naye bwe yategeera bunnanfuusi bwabwe, n'abagamba nti Munkemera ki? Mundeetere eddinaali, ngirabe.	12:15 Shall we give, or shall we not give? But he, knowing their hypocrisy, said unto them, Why tempt ye me? bring me a penny, that I may see it.
12:16 Ne bagireeta. N'abagamba nti Ekifaananyi kino n'obuwandiikeko buno by'ani? Ne bamugamba nti Bya Kayisaali.	12:16 And they brought it. And he saith unto them, Whose is this image and superscription? And they said unto him, Caesar's.
12:17 Yesu n'abagamba nti Ebya Kayisaali mumuwenga Kayisaali, n'ebya Katonda mumuwenga Katonda. Ne bamwewuunya nnyo.	12:17 And Jesus answering said unto them, Render to Caesar the things that are Caesar's, and to God the things that are God's. And they marvelled at him.
12:18 Awo Abasaddukaayo, abagamba nti tewali kuzuulura, ne bajja w'ali; ne bamubuuza ne bagamba nti	12:18 Then come unto him the Sadducees, which say there is no resurrection; and they asked him, saying,
12:19 Omuyigiriza, Musa yatuwandiikira nti Muganda w'omuntu bw'afanga, n'aleka mukazi we, nga talese mwana, muganda we atwalanga mukazi we, n'assizaawo muganda we ezzadde.	12:19 Master, Moses wrote unto us, If a man's brother die, and leave his wife behind him, and leave no children, that his brother should take his wife, and raise up seed unto his brother.
12:20 Kale waaliwo ab'oluganda musanvu: ow'olubereberye n'awasa omukazi, n'afa, n'atalekaawo zzadde;	12:20 Now there were seven brethren: and the first took a wife, and dying left no seed.
12:21 ow'okubiri n'amuwasa n'afa, era naye n'atalekaawo zzadde; n'ow'okusatu bw'atyo:	12:21 And the second took her, and died, neither left he any seed: and the third likewise.
12:22 bonna omusanvu ne batalekaawo zzadde. Oluvannyuma bonna nga baweddewo n'omukazi n'afa.	12:22 And the seven had her, and left no seed: last of all the woman died also.
12:23 Kale bwe balizuukira aliba muka ani ku bo? kubanga bonna omusanvu baamuwasa.	12:23 In the resurrection therefore, when they shall rise, whose wife shall she be of them? for the seven had her to wife.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
12:24 Yesu n'abagamba nti Si kyemuva mukyama nga temumanyi ebyawandiikibwa newakubadde amaanyi ga Katonda?	12:24 And Jesus answering said unto them, Do ye not therefore err, because ye know not the scriptures, neither the power of God?
12:25 Kubanga bwe balizuukira mu bafu tebaliwasa, so tebaliwayira; naye baliba nga bamalayika ab'omu ggulu.	12:25 For when they shall rise from the dead, they neither marry, nor are given in marriage; but are as the angels which are in heaven.
12:26 Naye eby'abafu oku zuukizibwa; temusomanga mu kitabo kya Musa ku Kisaka, Katonda bwe yamubuulira ng'agamba nti Nze ndi Katonda wa Ibulayimu, era Katonda wa Isaaka, era Katonda wa Yakobo?	12:26 And as touching the dead, that they rise: have ye not read in the book of Moses, how in the bush God spake unto him, saying, I am the God of Abraham, and the God of Isaac, and the God of Jacob?
12:27 Si Katonda wa bafu, naye wa balamu: mukyama nnyo.	12:27 He is not the God of the dead, but the God of the living: ye therefore do greatly err.
12:28 Awo omu ku bawandiisi n'ajja n'awulira nga beebuuzaganya bokka na bokka, n'amanya ng'abazzeemu bulungi, n'amubuuza nti Tteeka ki ery'olubereberye ku gonna?	12:28 And one of the scribes came, and having heard them reasoning together, and perceiving that he had answered them well, asked him, Which is the first commandment of all?
12:29 Yesu n'addamu nti Ery'olubereberye lye lino nti Wulira Isiraeri; Mukama Katonda waffe, Mukama ye omu;	12:29 And Jesus answered him, The first of all the commandments is, Hear, O Israel; The Lord our God is one Lord:
12:30 era yagalanga Mukama Katonda wo n'omutima gwo gwonna, n'obulamu bwo bwonna, n'amagezi go gonna, n'amaanyi go gonna.	12:30 And thou shalt love the Lord thy God with all thy heart, and with all thy soul, and with all thy mind, and with all thy strength: this is the first commandment.
12:31 Ery'okubiri lye lino nti Yagalanga muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka. Tewali tteeka ddala erisinga ago obukulu.	12:31 And the second is like, namely this, Thou shalt love thy neighbour as thyself. There is none other commandment greater than these.
12:32 Omuwandiisi n'amugamba ati Mazima, Omuyigiriza, oyogedde bulungi nga Katonda ali omu so tewali mulala wabula ye:	12:32 And the scribe said unto him, Well, Master, thou hast said the truth: for there is one God; and there is none other but he:
12:33 n'okumwagala n'omutima gwonna, n'okutegeera kwonna, n'amaanyi gonna, n'okwagala muliraanwa wo nga bwe weeyagala wekka kusinga nnyo ebiweebwayo byonna ebiramba ebyokebwa ne ssaddaaka.	12:33 And to love him with all the heart, and with all the understanding, and with all the soul, and with all the strength, and to love his neighbour as himself, is more than all whole burnt offerings and sacrifices.
12:34 Awo Yesu bwe yalaba ng'amuzzeemu ng'omutegeevu, n'amugamba nti Toli wala obwakabaka bwa Katonda. Awo ne wataba muntu aya**anga okumubuuza nate,	12:34 And when Jesus saw that he answered discreetly, he said unto him, Thou art not far from the kingdom of God. And no man after that durst ask him any question.
12:35 Yesu n'addamu n'agamba ng'ayigiriza mu yeekaalu nti Abawandiisi ekibagambya ki nti Kristo mwana wa Dawudi?	12:35 And Jesus answered and said, while he taught in the temple, How say the scribes that Christ is the son of David?

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
12:36 Dawudi yennyini yagamba mu Mwoyo Omutukuvu nti Mukama yagamba Mukama wange nti Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo, Okutuusa lwe ndifuula abalabe bo entebe y'ebigere byo.	12:36 For David himself said by the Holy Ghost, The Lord said to my Lord, Sit thou on my right hand, till I make thine enemies thy footstool.
12:37 Dawudi yennyini amuyita Mukama we, abeera atya omwana we? Ab'omu kibiina ne bamuwutira n'essanyu.	12:37 David therefore himself calleth him Lord; and whence is he then his son? And the common people heard him gladly.
12:38 Awo mu kuyigiriza kwe n'abagamba nti Mwekuume abawandiisi abaagala okutambula nga bambadde engoye empanvu, n'okulamusiwa mu butale,	12:38 And he said unto them in his doctrine, Beware of the scribes, which love to go in long clothing, and love salutations in the marketplaces,
12:39 n'entebe ez'oku manjo mu maku**aaniro n'ebifo eby'ekitiibwa mu mbaga;	12:39 And the chief seats in the synagogues, and the uppermost rooms at feasts:
12:40 abalya ennyumba za bannamwandu, era abasaba ennyo mu bunnanfuusi; abo balizza omusango ogusinga obunene.	12:40 Which devour widows' houses, and for a pretence make long prayers: these shall receive greater damnation.
12:41 N'atuula okwolekera eggwanika, n'alaba ebibiina bwe bisuula effeeza mu ggwanika: bangi abaali abagagga abaasuulamu ebingi.	12:41 And Jesus sat over against the treasury, and beheld how the people cast money into the treasury: and many that were rich cast in much.
12:42 Awo nnamwandu omu omwavu n'ajja, n'asuulamu ebitundu bibiri, ye kodulante.	12:42 And there came a certain poor widow, and she threw in two mites, which make a farthing.
12:43 N'ayita abayigirizwa be, n'abagamba nti Mazima mbagamba nti Nnamwandu ono omwavu asuddemu bingi okusinga bonna abasuula mu ggwanika:	12:43 And he called unto him his disciples, and saith unto them, Verily I say unto you, That this poor widow hath cast more in, than all they which have cast into the treasury:
12:44 kubanga bonna basuddemu ku bibafikkiridde; naye oyo mu kwetaaga kwe asuddemu byonna by'ali nabyo; bwe bulamu bwe bwonna.	12:44 For all they did cast in of their abundance; but she of her want did cast in all that she had, even all her living.
Makko 13	Mark 13
13:1 Awo bwe yafuluma mu yeekaalu, omu ku bayigirizwa be n'amugamba nti Omuyigiriza, laba, amayinja gano bwe gali, n'enzimba eno bw'eri.	13:1 And as he went out of the temple, one of his disciples saith unto him, Master, see what manner of stones and what buildings are here!
13:2 Yesu n'amugamba nti Olaba enzimba eno ennene? teririrekebwa wano jinja eriri ku jinja eritalisuulibwa wansi.	13:2 And Jesus answering said unto him, Seest thou these great buildings? there shall not be left one stone upon another, that shall not be thrown down.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
13:3 Bwe yali atudde ku lusozi olwa Zeyituuni ng'ayolekedde yeekaalu, Peetero ne Yakobo ne Yokaana ne Andereya ne bamubuuza mu kyama nti	13:3 And as he sat upon the mount of Olives over against the temple, Peter and James and John and Andrew asked him privately,
13:4 Tubuulire, ebyo biribaawo ddi? n'akabonero ki ak'ebyo nga bigenda okutuukirizibwa byonna?	13:4 Tell us, when shall these things be? and what shall be the sign when all these things shall be fulfilled?
13:5 Yesu n'asooka okubagamba nti Mwekuume, omuntu yenna tabakyamyanga.	13:5 And Jesus answering them began to say, Take heed lest any man deceive you:
13:6 Bangi abalijja mu linnya lyange nga boogera nti Nze nzuuyo; era balikyamyanga bangi.	13:6 For many shall come in my name, saying, I am Christ; and shall deceive many.
13:7 Awo bwe muwuliranga entalo n'ettutumo ly'entalo; temweraliikiriranga: kibigwanira okubaawo; naye enkomerero ng'ekyali.	13:7 And when ye shall hear of wars and rumours of wars, be ye not troubled: for such things must needs be; but the end shall not be yet.
13:8 Kubanga eggwanga lirirumba ggwanga linnaalyo, n'obwakabaka obw'akabaka bunnaabwo: walibaawo ebikankano mu bifo bingi; walibaawo enjala: ebyo lwe lubereberye lw'okulumwa.	13:8 For nation shall rise against nation, and kingdom against kingdom: and there shall be earthquakes in divers places, and there shall be famines and troubles: these are the beginnings of sorrows.
13:9 Naye mwekuume mwekka: kubanga balibawaayo mu nkiko: mulikubirwa ne mu makunnaaniro; era muliyimirira mu maaso g'abaamasaza ne bakabaka ku lwange, okubeera abajulirwa mu bo.	13:9 But take heed to yourselves: for they shall deliver you up to councils; and in the synagogues ye shall be beaten: and ye shall be brought before rulers and kings for my sake, for a testimony against them.
13:10 Enjiri kigigwanira okumala oku buulirwa amawanga gonna.	13:10 And the gospel must first be published among all nations.
13:11 Era bwe babatwalanga okubawaayo, temusookanga kweraliikirira bwe munaayogera: naye kyonna kyonna kye muweebwanga mu kiseera ekyo, ekyo kye mwogeranga, kubanga si mmwe mwogera, wabula Omwoyo Omutukuvu.	13:11 But when they shall lead you, and deliver you up, take no thought beforehand what ye shall speak, neither do ye premeditate: but whatsoever shall be given you in that hour, that speak ye: for it is not ye that speak, but the Holy Ghost.
13:12 Ow'oluganda anaawangayo muganda we okumutta, ne kitaawe w'omwana anaamuwangayo; abaana banaajeemeranga abaabazaala, banaabassanga.	13:12 Now the brother shall betray the brother to death, and the father the son; and children shall rise up against their parents, and shall cause them to be put to death.
13:13 Munaakyayibwanga bonna olw'erinnya lyange: naye agumiikiriza okutuusa enkomerero oyo ye alirokoka.	13:13 And ye shall be hated of all men for my name's sake: but he that shall endure unto the end, the same shall be saved.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
13:14 Naye bwe muliraba eky'omuzizo ekizikiriza nnabbi Danyeri kye yayogerako nga kiyimiridde awatakisaanira (asomamu ategeere), kale abali mu Buyudaaya baddukire ku nsozi;	13:14 But when ye shall see the abomination of desolation, spoken of by Daniel the prophet, standing where it ought not, (let him that readeth understand,) then let them that be in Judaea flee to the mountains:
13:15 ali waggulu ku nju takkanga, so tayingiranga kuggyamu kintu mu nju ye:	13:15 And let him that is on the housetop not go down into the house, neither enter therein, to take any thing out of his house:
13:16 n'ali mu lusuku taddanga kutwala lugoye lwe.	13:16 And let him that is in the field not turn back again for to take up his garment.
13:17 Naye ziribasanga abali embuto; n'abayonsa mu nnaku ezo.	13:17 But woe to them that are with child, and to them that give suck in those days!
13:18 Musabe bireme okutuukira mu biro eby'empewo.	13:18 And pray ye that your flight be not in the winter.
13:19 Kubanga ennaku ezo ziriba za kulabiramu nnaku, nga tezibangawo bwe zityi kasookedde Katonda atonda ebya tondebwa okutuusa kaakano, so teziriba.	13:19 For in those days shall be affliction, such as was not from the beginning of the creation which God created unto this time, neither shall be.
13:20 So singa Mukama teyasala ku nnaku ezo, tewandiro kose mubiri gwonna: naye olw'abalonde be yalonda yazisalako ennaku.	13:20 And except that the Lord had shortened those days, no flesh should be saved: but for the elect's sake, whom he hath chosen, he hath shortened the days.
13:21 Mu biro ebyo omuntu bw'aba gambanga nti Laba, Kristo ali wano; oba ali eyo; temukkirizanga	13:21 And then if any man shall say to you, Lo, here is Christ; or, lo, he is there; believe him not:
13:22 kubanga bakristo ab'obulimba ne bannabbi ab'obulimba baliyimuka, balikola obubonero n'ebwewuunyo, okukyamyama, oba nga kiyinzika abalonde.	13:22 For false Christs and false prophets shall rise, and shall shew signs and wonders, to seduce, if it were possible, even the elect.
13:23 Naye mwekumi mmwe: laba, mbambuulidde byonna nga tebinnabaawo.	13:23 But take ye heed: behold, I have foretold you all things.
13:24 Naye mu nnaku ezo, okulaba ennaku okwo nga kuwedde, enjuba erizikizibwa n'omwezi tegulyaka musana gwagwo,	13:24 But in those days, after that tribulation, the sun shall be darkened, and the moon shall not give her light,
13:25 n'emmunyeenye ziriba nga zigwa okuva mu ggulu, n'amaanyi ag'omu ggulu galikankana.	13:25 And the stars of heaven shall fall, and the powers that are in heaven shall be shaken.
13:26 Kale ne balyoka balaba Omwana w'omuntu ng'ajjira mu bire n'amaanyi amangi n'ekitiibwa.	13:26 And then shall they see the Son of man coming in the clouds with great power and glory.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
13:27 Awo n'alyoka atum: bamalayika be, aliku**aanya abalonde be okuva mu mpewo ennya okuva ku nkomerero y'ensi okutuusa ku nkomerero y'eggulu.	13:27 And then shall he send his angels, and shall gather together his elect from the four winds, from the uttermost part of the earth to the uttermost part of heaven.
13:28 Era muyigire ku mutiini olugero lwagwo: ettabi lyagwo bw'aligejja n'amalagala ne gatojjera mutegeera ng'omwaka guli kumpi	13:28 Now learn a parable of the fig tree; When her branch is yet tender, and putteth forth leaves, ye know that summer is near:
13:29 era nammwe bwe mutyo, bwe mulabanga ebyo nga bituuse; mutegeere ng'ali kumpi, ku luggi.	13:29 So ye in like manner, when ye shall see these things come to pass, know that it is nigh, even at the doors.
13:30 Mazima mbagamba nti Emirembe gino tegiriggwaawo n'akatono okutuusa ebyo byonna lwe birituukirira.	13:30 Verily I say unto you, that this generation shall not pass, till all these things be done.
13:31 Eggulu n'ensi biri ggwaawo, naye ebigambo byange tebiriggwaawo n'akatono.	13:31 Heaven and earth shall pass away: but my words shall not pass away.
13:32 Naye eby'olunaku olwo oba ekiseera ekyo tewali amanyi, newakubadde bama layika abali mu ggulu, newakubadde Omwana, wabula Kitange.	13:32 But of that day and that hour knoweth no man, no, not the angels which are in heaven, neither the Son, but the Father.
13:33 Mwekuumenga, mutunulenga musabanga: kubanga temumanyi biro we birituukira.	13:33 Take ye heed, watch and pray: for ye know not when the time is.
13:34 Ng'omu ntu eyaleka ennyumba ye n'atambula mu nsi endala ng'awadde abaddu be obuyinza, buli muntu omulimu gwe n'alagira omuggazi okutunula.	13:34 For the Son of Man is as a man taking a far journey, who left his house, and gave authority to his servants, and to every man his work, and commanded the porter to watch.
13:35 Kale mutunule: kubanga temumanyi mukama w'ennvumba w'alijjira, oba kawungeezi, oba ttumbi, oba ng'enkoko ekookolima, oba nkya;	13:35 Watch ye therefore: for ye know not when the master of the house cometh, at even, or at midnight, or at the cockcrowing, or in the morning:
13:36 atera okujja amangu ago n'abasanga nga mwebase.	13:36 Lest coming suddenly he find you sleeping.
13:37 Era kye mbagamba mmwe mbagamba bonna nti Mutunule.	13:37 And what I say unto you I say unto all, Watch.
Makkok 14	Mark 14
14:1 Awo bwe waali wakyabulayo ennaku bbiri, embaga y'Okuyitako n'emigaati egitazimbulukuswa etuuke: bakabona abakulu n'abawandiisi ne basala amagezi bwe banaamukwata mu lukwe n'okumutta:	14:1 After two days was the feast of the passover, and of unleavened bread: and the chief priests and the scribes sought how they might take him by craft, and put him to death.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
14:2 kubanga baagamba nti Si ku lunaku lwa mbaga, mpozzi waleme okubaawo akeegungo mu bantu.	14:2 But they said, Not on the feast day, lest there be an uproar of the people.
14:3 Awo bwe yali mu Bessaniya mu nnyumba ya Simooni omugenge, ng'atudde ku mmere, omukazi eyalina eccupa ey'amafuta ag'omugavu ogw'omuwendo omungi ennyo n'ajja, n'ayasa eccupa, amafuta n'agafuka ku mutwe gwe.	14:3 And being in Bethany in the house of Simon the leper, as he sat at meat, there came a woman having an alabaster box of ointment of spikenard very precious; and she brake the box, and poured it on his head.
14:4 Naye waaliwo mu bo abamu abaasunguwala nga bagamba nti Amafuta gafudde ki bwe gatyo?	14:4 And there were some that had indignation within themselves, and said, Why was this waste of the ointment made?
14:5 Kubanga amafuta gano bandiyinzizza okugatundamu eddinaali ebikumi bisatu n'okusingawo n'okugabira abaavu. Ne bamwemulugunyiza.	14:5 For it might have been sold for more than three hundred pence, and have been given to the poor. And they murmured against her.
14:6 Naye Yesu n'agamba nti Mumuleke; mumunaknwaliza ki? ankoledde ekikolwa ekirungi.	14:6 And Jesus said, Let her alone; why trouble ye her? she hath wrought a good work on me.
14:7 Kubanga abaava be muli nabo bulijjo; na buli lwe mwagala muyinza okubatola obulungi: naye nze temuli nange bulijjo.	14:7 For ye have the poor with you always, and whensoever ye will ye may do them good: but me ye have not always.
14:8 Akoze nga bw'arinzizza: asoose okufuka amafuta ku mubiri gwange nga bukyali okunziika.	14:8 She hath done what she could: she is come aforehand to anoint my body to the burying.
14:9 Mazima mbagamba nti Enjiri buli gy'eneebuulirwanga mu nsi zonna, n'ekyo omukazi ono ky'akoze kinaayogerwangako okumujjukira.	14:9 Verily I say unto you, Wheresoever this gospel shall be preached throughout the whole world, this also that she hath done shall be spoken of for a memorial of her.
14:10 Awo Yuda Isukalyoti, eyali omu ku kkumi n'ababiri, n'agenda eri bakabona abakulu; okumuwaayo ye bali:	14:10 And Judas Iscariot, one of the twelve, went unto the chief priests, to betray him unto them.
14:11 Awo bwe baawulira, tebasanyuka, ne basuubiza okumuva effeeza. N'asala amagezi bw'anaalaba ebbanga okumuwaayo.	14:11 And when they heard it, they were glad, and promised to give him money. And he sought how he might conveniently betray him.
14:12 Awo ku lunaku olwasooka olw'emigaati egitazimbulukuswa lwe batta Okuyitako, abayigirizwa be ne bamugamba nti Oyagala tugende wa tutegeke gy'onooliira Okuyitako?	14:12 And the first day of unleavened bread, when they killed the passover, his disciples said unto him, Where wilt thou that we go and prepare that thou mayest eat the passover?
14:13 N'atuma ab'oku bayigirizwa be babiri, n'abagamba nti Mugende mu kibuga, anaasisinkana nammwe omusajja nga yeetisse ensuwa y'amazzi: mumugoberere;	14:13 And he sendeth forth two of his disciples, and saith unto them, Go ye into the city, and there shall meet you a man bearing a pitcher of water: follow him.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
14:14 yonna yonna mw'anaayingira mugambe nnannyini nnyumba nti Omuyigiriza agambye nti Ennyumba eri ludda wa mwe nnaaliira Okuyitako n'abayigirizwa bange?	14:14 And wheresoever he shall go in, say ye to the goodman of the house, The Master saith, Where is the guestchamber, where I shall eat the passover with my disciples?
14:15 Anaabalaga ye yennyini ennyumba ennene eya waggulu eyaliiriddwa etegekeddwa: mututegekere omwo.	14:15 And he will shew you a large upper room furnished and prepared: there make ready for us.
14:16 Awo abayigirizwa ne bagenda ne baja ku kibuga, ne balaba nga bwe yabagambye: ne bategeka Okuyitako.	14:16 And his disciples went forth, and came into the city, and found as he had said unto them: and they made ready the passover.
14:17 Awo bwe bwawungeera n'ajja n'ekkumi n'ababiri.	14:17 And in the evening he cometh with the twelve.
14:18 Awo bwe baali batudde ku mmere, Yesu n'agamba nti Mazima mbagamba nti Omu ku mmwe alya nange anandyamu olukwe;	14:18 And as they sat and did eat, Jesus said, Verily I say unto you, One of you which eateth with me shall betray me.
14:19 ne batanula okunakuwala n'okumugamba kinnoomu nti Ye nze?	14:19 And they began to be sorrowful, and to say unto him one by one, Is it I? and another said, Is it I?
14:20 N'abagamba nti Omu ku kkumi n'ababiri akoza nange mu kibya ye wuuyo.	14:20 And he answered and said unto them, It is one of the twelve, that dippeth with me in the dish.
14:21 Kubanga Omwana w'omuntu agenda nga bwe kyamuwandikwako: naye zirimusanga omuntu oyo alyamu olukwe Omwana w'omuntu! kyandibadde kirungi eri oyo singa teyazaalibwa omuntu oyo.	14:21 The Son of man indeed goeth, as it is written of him: but woe to that man by whom the Son of man is betrayed! good were it for that man if he had never been born.
14:22 Awo bwe baali balya, n'atoola omugaati, awo bwe yamala okwebaza n'agumenyamu, n'abawa, n'agamba nti Mutoole; guno gwe mubiri gwange.	14:22 And as they did eat, Jesus took bread, and blessed, and brake it, and gave to them, and said, Take, eat: this is my body.
14:23 N'addirira ekikompe, awo bwe yamala okweyanza, n'abawa; ne bakinywako bonna.	14:23 And he took the cup, and when he had given thanks, he gave it to them: and they all drank of it.
14:24 N'abagamba nti Guno gwe musaayi gwange ogw'endagaano, oguyiika olw'abangi.	14:24 And he said unto them, This is my blood of the new testament, which is shed for many.
14:25 Mazima mbagamba nti Sirinywa nate ku bibala ku muzabbibu, okutuusa ku lunaku luli lwe ndigunywa omuggya mu bwakabaka bwa Katonda.	14:25 Verily I say unto you, I will drink no more of the fruit of the vine, until that day that I drink it new in the kingdom of God.
14:26 Awo bwe baamala okuyimba oluyimba, ne bafuluma ne bagenda ku lusozi olwa Zeyituuni.	14:26 And when they had sung an hymn, they went out into the mount of Olives.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
14:27 Awo Yesu n'abagamba nti Muneesittala mwenna: kubanga kyawandiikibwa nti Ndikuba omusumba, n'endiga zirisaasaana.	14:27 And Jesus saith unto them, All ye shall be offended because of me this night: for it is written, I will smite the shepherd, and the sheep shall be scattered.
14:28 Naye bwe ndimala okuzuukizibwa, ndibakulemba okugenda mu Ggaliraaya.	14:28 But after that I am risen, I will go before you into Galilee.
14:29 Naye Peetero n'amugamba nti Newakubadde nga bonna baneesittala, naye si nze.	14:29 But Peter said unto him, Although all shall be offended, yet will not I.
14:30 Yesu n'amugamba nti Mazima nkugamba nti ggwe leero, ekiro kino, enkokko eneeba tennakookolima emirundi ebiri, ononneegaana emirundi esatu.	14:30 And Jesus saith unto him, Verily I say unto thee, That this day, even in this night, before the cock crow twice, thou shalt deny me thrice.
14:31 Naye ne yeeyongera nnyo okwogera nti Newakubadde nga ki**wanira okufiira awamu naawe, siikwegaane n'akatonu. Era bonna ne bagamba bwe batyo.	14:31 But he spake the more vehemently, If I should die with thee, I will not deny thee in any wise. Likewise also said they all.
14:32 Awo ne bajja mu kifo erinnya lyakyo Gesusemane: n'agamba abayigirizwa be nti Mutuule wano mmale okusaba.	14:32 And they came to a place which was named Gethsemane: and he saith to his disciples, Sit ye here, while I shall pray.
14:33 N'atwala Peetero ne Yakobo ne Yokaana wamu naye, n'atanula okuwuniikirira n'okweraliikirira ennyo.	14:33 And he taketh with him Peter and James and John, and began to be sore amazed, and to be very heavy;
14:34 N'abagamba nti Emmeeme yange eriko ennaku nnyingi, zigenda kunzita: mubeere wano, mutunule.	14:34 And saith unto them, My soul is exceeding sorrowful unto death: tarry ye here, and watch.
14:35 N'atambulako katonu, n'avuunama n'asaba, oba nga kiyinzika, ekiseera kimuyiteko.	14:35 And he went forward a little, and fell on the ground, and prayed that, if it were possible, the hour might pass from him.
14:36 N'agamba nti Aba, Kitange, byonna biyinzika gy'oli; nziyaako ekikompe kino; naye si nga nze bwe njagala, wabula nga ggwe bw'oyagala.	14:36 And he said, Abba, Father, all things are possible unto thee; take away this cup from me: nevertheless not what I will, but what thou wilt.
14:37 Awo n'ajja, n'abasanga nga beebase, n'agamba Peetero nti Simooni, weebase? tobadde na manyi ag'okutunula n'essaawa emu nti	14:37 And he cometh, and findeth them sleeping, and saith unto Peter, Simon, sleepest thou? couldest not thou watch one hour?
14:38 Mutunule, musabe, muleme okuyingira mu kukemebwa: omwoyo gwe gwagala, naye omubiri gwe munafu.	14:38 Watch ye and pray, lest ye enter into temptation. The spirit truly is ready, but the flesh is weak.
14:39 Nate n'addayo, n'asaba, n'ayogera ebitgambo bimu na biri.	14:39 And again he went away, and prayed, and spake the same words.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
14:40 N'akomawo nate, n'abasanga nga beebase, kubanga amaaso gaabwe gaali gakambagga nnyo; so tebaamanya bwe banaamuddamu.	14:40 And when he returned, he found them asleep again, (for their eyes were heavy,) neither wist they what to answer him.
14:41 N'ajja omulundi ogw'okusatu, n'abagamba nti Mwebakire ddala kaakano, muwummule: kinaamala; ekiseera kituuse; laba, Omwana w'omuntu aweebwayo mu mikonogy'abalina ebibi.	14:41 And he cometh the third time, and saith unto them, Sleep on now, and take your rest: it is enough, the hour is come; behold, the Son of man is betrayed into the hands of sinners.
14:42 Muyimuke, tugende; laba, andyamu olukwe anaatera okutuuka.	14:42 Rise up, let us go; lo, he that betrayeth me is at hand.
14:43 Awo amangu ago, bwe yali akyayogera, Yuda, omu ku kkumi n'ababiri, n'ajja n'ekibiina wamu naye abaalina ebitala n'emiggo, nga bava eri bakabona abakulu, n'abawandiisi n'abakadde.	14:43 And immediately, while he yet spake, cometh Judas, one of the twelve, and with him a great multitude with swords and staves, from the chief priests and the scribes and the elders.
14:44 Era oyo eyamulyamu olukwe yali abawadde akabonero ng'agamba nti Gwe nnaanywegera, nga ye wuuyo; mumukwate, mumutwale nga mumunywezezza.	14:44 And he that betrayed him had given them a token, saying, Whomsoever I shall kiss, that same is he; take him, and lead him away safely.
14:45 Awo bwe yatuuka, amangu ago n'ajja gy'ali n'agamba nti Labbi; n'amunywegera nnyo.	14:45 And as soon as he was come, he goeth straightway to him, and saith, Master, master; and kissed him.
14:46 Ne bamussaako emikono gyabwe, ne bamukwata.	14:46 And they laid their hands on him, and took him.
14:47 Naye omu ku abo abaali bayimiridde awo n'asowola ekitala, n'atema omuddu wa kabona asinga obukulu n'amusalako okutu.	14:47 And one of them that stood by drew a sword, and smote a servant of the high priest, and cut off his ear.
14:48 Awo Yesu n'addamu n'abagamba nti Munjjiridde nga bwe mujjira omunyazi; n'ebitala n'emiggo okunkwata?	14:48 And Jesus answered and said unto them, Are ye come out, as against a thief, with swords and with staves to take me?
14:49 Buli lunaku nnabeeranga nammwe mu yeekaalu nga njigiriza, nga temwankwata: naye kino kikoledwa, ebyawandiikibwa bituukirire.	14:49 I was daily with you in the temple teaching, and ye took me not: but the scriptures must be fulfilled.
14:50 Awo bonna ne bamwabulira ne badduka.	14:50 And they all forsook him, and fled.
14:51 Awo omulenzi omu n'amugoberera, eyali yeebikkiridde olugoye olw'ekitaani lwokka ku mubiri: ne bamukwata;	14:51 And there followed him a certain young man, having a linen cloth cast about his naked body; and the young men laid hold on him:
14:52 naye n'abalekera olugoye olw'ekitaani, n'adduka bwereere.	14:52 And he left the linen cloth, and fled from them naked.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
14:53 Awo ne batwala Yesu eri kabona asinga obukulu: ne bamuku**aanirdlko bakabona abakulu bonna n'abakadde n'abawandiisi.	14:53 And they led Jesus away to the high priest: and with him were assembled all the chief priests and the elders and the scribes.
14:54 Awo Peetero n'amugoberera wala, okutuuka munda mu luggya lwa kabona asinga obukulu; yali atudde n'abaweereza ng'ayota omuliro.	14:54 And Peter followed him afar off, even into the palace of the high priest: and he sat with the servants, and warmed himself at the fire.
14:55 Awo bakabona abakulu n'ab'omu lukiiko bonna ne banoonyeza Yesu abajulirwa ab'okumussa, so ne batabalaba:	14:55 And the chief priests and all the council sought for witness against Jesus to put him to death; and found none.
14:56 Kubanga abaamuwaayiriza eby'obulimba bangi, so n'okuwaayiriza kwabwe tekwali kumu.	14:56 For many bare false witness against him, but their witness agreed not together.
14:57 Awo abamu ne bayimuka ne bamuwaayiriza, nga bagamba nti	14:57 And there arose certain, and bare false witness against him, saying,
14:58 Ffe twamuwulira ng'agamba nti Ndimenya yeekaalu eno eyakolebwa n'emikono, ne mu nnaku ssatu ndizimba endala etalikolebwa na mikono.	14:58 We heard him say, I will destroy this temple that is made with hands, and within three days I will build another made without hands.
14:59 So n'okuwaayiriza. kwabwe okwo nakwo tekwali kumu.	14:59 But neither so did their witness agree together.
14:60 Awo kabona asinga obukulu n'ayimirira wakati, n'abuuzza Yesu, ng'agamba nti Ggwe toyanukula n'akatono? kiki kye bakulumiriza bano?	14:60 And the high priest stood up in the midst, and asked Jesus, saying, Answerest thou nothing? what is it which these witness against thee?
14:61 Naye n'asirika busirisi, n'atayanukula n'akatono. Nate kabona asinga obukulu n'amugamba nti Ggwe Kristo, Omwana w'oyo eyeebazibwa?	14:61 But he held his peace, and answered nothing. Again the high priest asked him, and said unto him, Art thou the Christ, the Son of the Blessed?
14:62 Yesu n'agamba nti Nze nzuuna; nammwe muliraba Omwana w'omuntu ng'atudde ku mukono ogwa ddyo ogw'amaanyi, ng'ajja n'ebire eby'eggulu.	14:62 And Jesus said, I am: and ye shall see the Son of man sitting on the right hand of power, and coming in the clouds of heaven.
14:63 Awo kabona asinga obukulu n'ayuza engoye ze, n'agamba nti Twetaagira ki nate abajulirwa?	14:63 Then the high priest rent his clothes, and saith, What need we any further witnesses?
14:64 Muwulidde obuwoozi bwe: mulwooza mutya? Bonna ne bamusalira omusango ng'asaanira okufa.	14:64 Ye have heard the blasphemy: what think ye? And they all condemned him to be guilty of death.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
14:65 Awo abamu ne batanula okumuwandira amalusu, n'okumubikka mu maaso, n'okumukuba ebikonde n'okumugamba nti Lagula: abaweereza ne bamutwala nga bamukuba empi.	14:65 And some began to spit on him, and to cover his face, and to buffet him, and to say unto him, Prophecy: and the servants did strike him with the palms of their hands.
14:66 Awo Peetero bwe yali wansi mu luggya, omu ku bazaana ba kabona asinga obukulu n'ajja;	14:66 And as Peter was beneath in the palace, there cometh one of the maids of the high priest:
14:67 awo bwe yalaba Peetero ng'ayota omuliro, n'amutunuulira, n'agamba nti Naawe wali n'Omunazaaleesi, Yesu.	14:67 And when she saw Peter warming himself, she looked upon him, and said, And thou also wast with Jesus of Nazareth.
14:68 Naye ye ne yeegaana ng'agamba nti Simanyi, so sitegeera ky'oyogera: n'agenda ebweru mu kisasi; enkoko n'ekookolima.	14:68 But he denied, saying, I know not, neither understand I what thou sayest. And he went out into the porch; and the cock crew.
14:69 Awo omuzaana n'amulaba, n'atanula nate okubagamba abaali bayimiridde awo nti Ono w'ewaabwe.	14:69 And a maid saw him again, and began to say to them that stood by, This is one of them.
14:70 Naye ne yeegaana nate. Awo bwe waayitawo ekiseera kitono, abaali bayimiridde awo ne bagamba Peetero nate nti Mazima oli w'ewaabwe; kubanga oli Mugaliraaya.	14:70 And he denied it again. And a little after, they that stood by said again to Peter, Surely thou art one of them: for thou art a Galilaeen, and thy speech agreeth thereto.
14:71 Naye n'atanula okukolima n'okulayira nti Simanyi muntu ono, gwe mwogerako.	14:71 But he began to curse and to swear, saying, I know not this man of whom ye speak.
14:72 Amangu ago enkoko n'ekookolima omulundi ogw'okubiri. Awo Peetero n'ajjukira ekigambo Yesu bwe. yamugambye nti Enkoko eneeba tennakookolima mirundi ebiri, ononneegaana emirundi esatu. Kale bwe yalowooza, n'akaaba amaziga.	14:72 And the second time the cock crew. And Peter called to mind the word that Jesus said unto him, Before the cock crow twice, thou shalt deny me thrice. And when he thought thereon, he wept.
Makko 15	Mark 15
15:1 Awo amangu ago bwe bwakya enkya, bakabona abakulu n'abakadde n'abawandiisi n'ab'omu lukiiko bonna ne bateesa, ne basiba Yesu, ne bamutwala, ne bamuwaayo eri Piraato.	15:1 And straightway in the morning the chief priests held a consultation with the elders and scribes and the whole council, and bound Jesus, and carried him away, and delivered him to Pilate.
15:2 Awo Piraato n'amubuuza nti Ggwe Kabaka w'Abayudaaya? Bwe yaddamu n'amugamba nti Ggwe oyogedde.	15:2 And Pilate asked him, Art thou the King of the Jews? And he answering said unto them, Thou sayest it.
15:3 Awo bakabona abakulu ne bamuloopa ebigambo bingi.	15:3 And the chief priests accused him of many things: but he answered nothing.
15:4 Awo Piraato n'amubuuza nate, ng'agamba nti Toyanukula n'akatono? laba ebigambo bingi bye bakuloopa.	15:4 And Pilate asked him again, saying, Answerest thou nothing? behold how many things they witness against thee.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
15:5 Naye Yesu n'ataddamu nate kigambo; Piraato n'okwewuunya ne yeewuunya.	15:5 But Jesus yet answered nothing; so that Pilate marvelled.
15:6 Awo ku mbaga yabateeranga omusibe omu gwe baamusaba.	15:6 Now at that feast he released unto them one prisoner, whomsoever they desired.
15:7 Awo waaliwo omu ayitibwai Balaba, eyasibibwa n'abo abaajeema abatta abantu mu kujeema okwo.	15:7 And there was one named Barabbas, which lay bound with them that had made insurrection with him, who had committed murder in the insurrection.
15:8 Awo ekibiina ne kirinnya ne kitanula okumusaba okubakola nga bwe yabakolanga.	15:8 And the multitude crying aloud began to desire him to do as he had ever done unto them.
15:9 Awo Piraato n'abaddamu, ng'agamba nti Mwagala mbateere Kabaka w'Abayudaaya?	15:9 But Pilate answered them, saying, Will ye that I release unto you the King of the Jews?
15:10 Kubanga yategeera ngs bakabona abakulu baamuweesezzaayo buggya.	15:10 For he knew that the chief priests had delivered him for envy.
15:11 Naye bakabona abakulu ne baweerera ekibiina nt Balaba gw'aba abateera.	15:11 But the chief priests moved the people, that he should rather release Barabbas unto them.
15:12 Awo Piraato n'addamu nate n'abagamba, nti Kale nnaamukola ntya gwa muyita Kabaka w'Abayudaaya?	15:12 And Pilate answered and said again unto them, What will ye then that I shall do unto him whom ye call the King of the Jews?
15:13 Awo ne boogerera waggula nate nti Mukomerere.	15:13 And they cried out again, Crucify him.
15:14 Awo Piraato n'abagamba nti Kazzi kibi ki ky'akoze? Naye ne beeyongera nnyo okwogerera waggulu nti Mukomerere.	15:14 Then Pilate said unto them, Why, what evil hath he done? And they cried out the more exceedingly, Crucify him.
15:15 Awo Piraato bwe yali ayagala okusanyusa ekibiina, n'abateera Balaba, n'awaayo Yesu okukomererwa ng'amaze okumukuba.	15:15 And so Pilate, willing to content the people, released Barabbas unto them, and delivered Jesus, when he had scourged him, to be crucified.
15:16 Awo basserikale ne bamutwala munda mu luggya oluyitibwa Pulayitoliyo; ne bayita ekitongole kyonna okuku**aana.	15:16 And the soldiers led him away into the hall, called Praetorium; and they call together the whole band.
15:17 Ne bamwambaza olugoye olw'effulungu. Ne baluka engule ey'amaggwa ne bagimutikkira;	15:17 And they clothed him with purple, and platted a crown of thorns, and put it about his head,
15:18 ne batanula okumulamusa nti Mirembe, Kabaka w'Abayudaaya!	15:18 And began to salute him, Hail, King of the Jews!
15:19 Ne bamukuba olumuli mu mutwe, ne bamuwandira amalusu, ne bafukamira, ne bamusinza.	15:19 And they smote him on the head with a reed, and did spit upon him, and bowing their knees worshipped him.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
15:20 Awo bwe baamala okumuduulira, ne bamwambulamu olugoye olw'effulungu, ne bamwambaza engoye ze, ne bamutwala ne bamufulumya okumukomerera.	15:20 And when they had mocked him, they took off the purple from him, and put his own clothes on him, and led him out to crucify him.
15:21 Ne bawaliriza omuntu eyali ayita, Simooni ow'e Kuleene, ng'ava mu kyalo, kitaawe wa Alegezanda ne Luufo, okugenda nabo okwetikka omusalaba gwe.	15:21 And they compel one Simon a Cyrenian, who passed by, coming out of the country, the father of Alexander and Rufus, to bear his cross.
15:22 Ne bamuleeta mu kifo Gologoosa, okutegeezebwa kwakyo nti Kifo kya kiwanga,	15:22 And they bring him unto the place Golgotha, which is, being interpreted, The place of a skull.
15:23 Ne bamuwa omwenge ogutabuddwamu envumbo: naye ye n'atagukkiriza.	15:23 And they gave him to drink wine mingled with myrrh: but he received it not.
15:24 Awo ne bamukomerera, ne bagabana ebyambalo bye, nga babikubirako obululu; buli muntu ky'anaatwala.	15:24 And when they had crucified him, they parted his garments, casting lots upon them, what every man should take.
15:25 Awo essaawa zaali ziri ssatu, ne bamukomerera.	15:25 And it was the third hour, and they crucified him.
15:26 Awo ebbaluwa ey'omusango gwe n'ewandiikibwa waggulu nti KABAKA W'ABAYUDAAYA.	15:26 And the superscription of his accusation was written over, The King Of The Jews.
15:27 Era n'abanyazi babiri ne babakomerera wamu naye; omu ku mukono gwe ogwa ddyo, n'omulala ku gwa kkono.	15:27 And with him they crucify two thieves; the one on his right hand, and the other on his left.
15:28 Olwo ekyawandiikibwa ne kituukirira, ekigamba nti N'abaliirwa awamu n'abasobya:	15:28 And the scripture was fulfilled, which saith, And he was numbered with the transgressors.
15:29 Awo abaali liayita ne bamuvuma nga banyeenya emitwe gyabwe, nga bagamba nti So, ggwe amenya yeekaalu n'ogizimbira ennaku essatu,	15:29 And they that passed by railed on him, wagging their heads, and saying, Ah, thou that destroyest the temple, and buildest it in three days,
15:30 weerokole, ove ku musalaba.	15:30 Save thyself, and come down from the cross.
15:31 Era bakabona abakulu ne baduula bwe batyo n'abawandiisi bokka na bokka ne bagamba nti Yalokola balala; tayinza kwerekola yekka.	15:31 Likewise also the chief priests mocking said among themselves with the scribes, He saved others; himself he cannot save.
15:32 Kristo Kabaka wa Isiraeri ave kaakano ku musalaba, tulyoke tulabe tukkirize. Ne bali abaakomererwa naye ne bamuvuma.	15:32 Let Christ the King of Israel descend now from the cross, that we may see and believe. And they that were crucified with him reviled him.
15:33 Awo essaawa bwe zaali ziri mukaaga ne waba ekizikiza ku nsi yonna okutuusa ku ssaawa ey'omwenda.	15:33 And when the sixth hour was come, there was darkness over the whole land until the ninth hour.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
15:34 Awo mu ssaawa ey'omwenda Yesu n'akaaba n'eddoboozi ddene nti Eroi, Eroi, lama sabakusaani? okutegeezebwa kwakyo nti Katonda wange, Katonda wange, kiki ekikundesezza?	15:34 And at the ninth hour Jesus cried with a loud voice, saying, Eloi, Eloi, lama sabachthani? which is, being interpreted, My God, my God, why hast thou forsaken me?
15:35 Awo abamu ku abo abaali bayimiridde awo bwe baawulira ne bagamba nti Laba, ayita Eriya.	15:35 And some of them that stood by, when they heard it, said, Behold, he calleth Elias.
15:36 Awo omu n'addukana, n'annyika ekisuumwa mu nvinnyo enkaatuufu, n'akissa ku lumuli, n'amuwa okunywa, ng'agamba nti Leka tulabe nga Eriya anajja okumuwanula.	15:36 And one ran and filled a sponge full of vinegar, and put it on a reed, and gave him to drink, saying, Let alone; let us see whether Elias will come to take him down.
15:37 Awo Yesu n'akaaba n'eddoboozi ddene n'awaayo obulamu.	15:37 And Jesus cried with a loud voice, and gave up the ghost.
15:38 Awo n'eggigi ly'omu yeekaalu ne liyulikamu wabiri, okuva waggulu okutuuka wansi.	15:38 And the veil of the temple was rent in twain from the top to the bottom.
15:39 Awo omwami w'ekitongole eyali ayimiridde awo ng'amwolekedde bwe yalaba ng'awaddeyo obulamu bw'atyo, n'agamba nti Mazima omuntu ono abadde Mwana wa Katonda.	15:39 And when the centurion, which stood over against him, saw that he so cried out, and gave up the ghost, he said, Truly this man was the Son of God.
15:40 Era waaliwo walako abakazi nga balengera: mu abo waaliwo ne Malyamu Magudaleene, ne Malyamu nnyina Yakobo omuto ne Yose, ne Saalome;	15:40 There were also women looking on afar off: among whom was Mary Magdalene, and Mary the mother of James the less and of Joses, and Salome;
15:41 abo bwe yali mu Ggaliraaya be baayitanga naye nga bamuweereza; n'abakazi abalala bangi abaalinnya naye e Yerusalemi.	15:41 (Who also, when he was in Galilee, followed him, and ministered unto him;) and many other women which came up with him unto Jerusalem.
15:42 Awo bwe bwawungeera, kubanga lwali lunaku lwa Kuteekateeka, lwe lunaku olusooka ssabbiiti,	15:42 And now when the even was come, because it was the preparation, that is, the day before the sabbath,
15:43 Yusufu ow'e Alimasaya, omukulu ateesa ow'ekitiibwa, era eyasuubiranga yennyini obwakabaka bwa Katonda; n'aguma n'ayingira eri Piraato nga tatya, n'asaba omulambo gwa Yesu.	15:43 Joseph of Arimathaea, an honourable counsellor, which also waited for the kingdom of God, came, and went in boldly unto Pilate, and craved the body of Jesus.
15:44 Awo Piraato ne yeewuunya bw'afudde amangu, n'ayita omwami w'ekitongole n'amubuuza oba ng'ekiseera kiyiseewo yaakafiira.	15:44 And Pilate marvelled if he were already dead: and calling unto him the centurion, he asked him whether he had been any while dead.
15:45 Awo bwe yakiwulira okuva eri omwami, n'awa Yusufu omulambo.	15:45 And when he knew it of the centurion, he gave the body to Joseph.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
15:46 Ye n'agula olugoye olw'ekitaani, n'amuwanula, n'amuzinga mu lugoye olw'eki.taani olwo, n'amussa mu ntaana eyasimwa mu lwazi, n'ayiringisiza ejjinja ku mulyango gw'entaana.	15:46 And he bought fine linen, and took him down, and wrapped him in the linen, and laid him in a sepulchre which was hewn out of a rock, and rolled a stone unto the door of the sepulchre.
15:47 Malyamu Magudaleene ne Malyamu nnyina Yose ne balaba we yateebwa.	15:47 And Mary Magdalene and Mary the mother of Joses beheld where he was laid.
Makko 16	Mark 16
16:1 Awo ssabbiiti bwe yaggwaako, Malyamu Magudaleene ne Malyamu nnyina Yakobo, ne Saalome ne bagula eby'akaloosa, bajje bamusiige.	16:1 And when the sabbath was past, Mary Magdalene, and Mary the mother of James, and Salome, had bought sweet spices, that they might come and anoint him.
16:2 Awo bwe bwakya enkya ku lunaku olusooka mu wiiki, enjuba bwe yali yaakavaayo ne bajja ku ntaana.	16:2 And very early in the morning the first day of the week, they came unto the sepulchre at the rising of the sun.
16:3 Awo baali beebuuzaganya bokka nti Ani anaatuyiringisiza ejjinja okuliggya ku mulyango gw'entaana?	16:3 And they said among themselves, Who shall roll us away the stone from the door of the sepulchre?
16:4 Awo bwe baatunuulira, ne balaba ejjinja nga liyiringisibbwa ku bbali; kubanga lyali ddene nnyo.	16:4 And when they looked, they saw that the stone was rolled away: for it was very great.
16:5 Awo bwe baayingira mu ntaana, ne balaba omulenzi ng'atudde ku luuyi olwa ddyo, ng'ayambadde olugoye olutukuvu; ne bawuniikirira.	16:5 And entering into the sepulchre, they saw a young man sitting on the right side, clothed in a long white garment; and they were affrighted.
16:6 N'abagamba nti Temuwuniikirira: munoonya Yesu, Omunazaaleesi, eyakomererwa: azuukidde; tali wano: laba, ekifo we baamussa.	16:6 And he saith unto them, Be not affrighted: Ye seek Jesus of Nazareth, which was crucified: he is risen; he is not here: behold the place where they laid him.
16:7 Naye mugende, mubuulire abayigirizwa be ne Peetero nti Abakulembede okugenda e Ggaliraaya. Eyo gye mulimulabira nga bwe yabagamba.	16:7 But go your way, tell his disciples and Peter that he goeth before you into Galilee: there shall ye see him, as he said unto you.
16:8 Ne bava ku ntaana nga baddukana mangu; kubanga okukankana n'okusamaalirira byali bibakutte: so ne batabuulirako muntu kigambo, kubanga baatya.	16:8 And they went out quickly, and fled from the sepulchre; for they trembled and were amazed: neither said they any thing to any man; for they were afraid.
16:9 Awo bwe yamala okuzuukira mu makya ku lunaku olw'olubereberye ku nnaku omusanvu n'asooka okulabikira Malyamu Magudaleene gwe yagobako dayimooni omusanvu.	16:9 Now when Jesus was risen early the first day of the week, he appeared first to Mary Magdalene, out of whom he had cast seven devils.

LUGANDA	NEW INTERNATIONAL VERSION
16:10 Oyo n'agenda n'abuulira abaayitanga naye, nga banakuwala nga bakaaba.	16:10 And she went and told them that had been with him, as they mourned and wept.
16:11 Awo bo, bwe baawulira nga mulamu, ng'alabiddwa ye, ne batakkiriza.	16:11 And they, when they had heard that he was alive, and had been seen of her, believed not.
16:12 Ebyo bwe byaggwa n'alabikira bannaabwe babiri mu kifaananyi kirala, nga batambula nga bagenda mu kyalo.	16:12 After that he appeared in another form unto two of them, as they walked, and went into the country.
16:13 Awo abo ne bagenda ne babuulira bali abalala, so ne batabakkiriza.	16:13 And they went and told it unto the residue: neither believed they them.
16:14 Oluvarmyuma n'alabikira ekkumi n'omu nga batudde ku mmere; n'abanenya olw'obutakkiriza n'obukakaayavu bw'emitima gyabwe, kubanga tebakiriza abaamu laba ng'amaze okuzuukira:	16:14 Afterward he appeared unto the eleven as they sat at meat, and upbraided them with their unbelief and hardness of heart, because they believed not them which had seen him after he was risen.
16:15 N'abagamba nti Mugende mu nsi zonna, mubuulire enjiri eri ebitonde byonna.	16:15 And he said unto them, Go ye into all the world, and preach the gospel to every creature.
16:16 Akkiriza n'abatizibwa, alirokoka, naye atakkiriza omusango gulimusinga.	16:16 He that believeth and is baptized shall be saved; but he that believeth not shall be damned.
16:17 Era obubonero buno bunaagendanga n'abo abakkiriza: banaagobanga emizimu mu linnya lyange; banaayogeranga ennimi empya;	16:17 And these signs shall follow them that believe; In my name shall they cast out devils; they shall speak with new tongues;
16:18 banaakwatanga ku misota, bwe banaanywanga ekintu ekitta, tekiibakolenga kabi n'akatono; banassangako emikono abalwadde, aabo banaawonanga.	16:18 They shall take up serpents; and if they drink any deadly thing, it shall not hurt them; they shall lay hands on the sick, and they shall recover.
16:19 Awo Mukama waffe Yesu bwe yamala okwogera nabo, n'atwalibwa mu ggulu, n'atuula ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda.	16:19 So then after the Lord had spoken unto them, he was received up into heaven, and sat on the right hand of God.
16:20 Bali ne bafulumu, ne babuulira wonna wonna, Mukama waffe ng'akoleranga wamu nabo era ng'anyweza ekigambo mu bubonero obwakiddiriranga. Amiina.	16:20 And they went forth, and preached every where, the Lord working with them, and confirming the word with signs following. Amen.